Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu

Omutendera Ogw'Omwoyo

Simanyi bameka abamanyi akayimba kano, nga bwe mbabuzaako n'okulamusa okw'okussa ekimu okusingayo obulungi okw'Ekikristaayo awamu n'okwagala kwa Kristo leero, bameka abamanyi akayimba kano akagamba nti, "Afaayo gy'Oli"? Mukamanyi? Kale, leka tulabe oba nga tusobola okukayimba. Okamanyi, mwannyinaffe? Okamanyi? Kati:

Afaayo gy'oli,
Afaayo gy'oli;
Nga oyita mu kasana oba nga oli mu kisiikirize,
Ye afaayo gy'oli.

O, ekyo kirungi. Ka tuddemu tukagezeeko nate.

Afaayo gy'oli,
Afaayo gy'oli;
Nga oyita mu kasana oba nga oli mu kisiikirize,
Ye afaayo gy'oli.

[Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

2 Kitaffe ow'omu Ggulu, tukwebaza okuba nti Ofaayo gye tuli era wayolesa okwagala Kwo gye tuli, n'otutumira n'Omwana Wo omwagalwa, oku. . . oyo Omwana wa Katonda ataalina musango, okujja okutwala ekifo ky'aboonoonyi abaaliko omusango. Nga tukwebaza nnyo nnyini ddala, okuba nti Watulowozaako era n'otulumirirwa, okusobola okukola kino! Era tusiimiira ddala, ayi Mukama waffe. Tuli basanyufu okukuŋŋaanira wano olw'eggulo luno, wansi w'akasolya k'eggulu, okusaba emikisa Gyo okuba ku lukuŋŋaana luno. Tusaba, ayi Mukama, nti buli musajja, na buli mukazi, na buli mulenzi na buli muwala yenna ali wano, asobole okwekenneenya ebuziba mu Byawandiikibwa. Ensi gye tweŋŋanga efugibwa Ssetaani. Era, ayi Kitaffe, tusaba, nti nga bwe tuyiga ku maanyi g'emizimu ne kye gikola abantu, tusaba Otuwe okukkiriza okw'amaanyi, era leka obubonero obw'amaanyi n'ebyewuunyo bikolebwe. Kubanga, tukisabye mu Linnya lya Kristo era ne ku lw'ekitiibwa kya Katonda. Amiina.

3 Tugenda, kuyingira mangu ddala mu ky'okuyigako kyaffe, olw'eggulo luno, ndowooza, nga ekyabulayo eddakiika nga kkumi na ttaano. Eky'okuyigako kyaffe kikyali ku *Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu*.

4 Era kati nfunye n'obubaka, mu kaseera katono akaakayita; Ow'oluganda Beeler, okuva eri mikwano gyange. Era ndi wa

kusitula okugenda mu Afirika, mu mwezi gwa Jjulaayi. Kale ekyo kiwedde okutegekebwa, kati tukikakasizza. Naye ate Ow'oluganda Baxter mu kiseera ekyo tajja kusobola kugenda, kale nja kuba nnina kugenda nzekka mu Afirika. Naye okugendayo ne . . . nsaba . . . Kati mulina okunsabira, Mukama annyambe, kubanga essala ezo ŋŋenda kuzeetaagira ddala kati, nga ndi eyo mu . . . ekitono ennyo nsuubira abantu nga emitwalo abiri mu lukuŋŋaana olwo.

5 Kati nnina wano okwolesebwa kwe nnawandiika. Njagala bantu mmwe mubeeko n'engeri gye mukuganyulwamu. Kwabaawo mu Ddeesemba. Lumu ku makya agamu nnali mu kisenge Malayika wa Mukama n'ayingira munda. Nna . . . Omanyi, ku mulundi guli lwe nnaliyo, nnajeemera Katonda, ne nkwatibwa obulwadde obuva ku kawuka ka amiba. Buli omu amanyi—amanyi bulungi akawuka ako ka amiba, kawuka akanyunyunsi akakuluma . . . kayinza n'okukutta. Era nga kyabaawo kuba nnali nkoze ekintu Katonda kye yali aŋŋaanye okukola. Emboozi eyo bameka abaali bagiwuliddeko? Nzikiriza wano waliwo abaagiwulirako. Mmanyi abo ababeera eri okumpi n'ekkuŋŋaaniro emboozi y'ebyo ebyabaawo baagiwulirako. Katonda waliwo ekifo ekimu gye yaŋŋamba okugenda, n'aŋŋaana okugenda mu kifo *kino* ekirala, wabula n'aŋŋamba ŋŋende mu kifo kiri. Naye nze ne mpuliriza ababuulizi. Kati, ababuulizi balungi, era baganda bange, wabula faayo nnyo ku ekyo Katonda ky'aba akugambye. Ddala bwe kiri. Okiraba? Olina omulimu gumu ogw'okutuukiriza.

6 Bameka abajjukira lumu lwe waaliwo bannabbi babiri mu Bayibuli? Omu ku bo, Mukama n'amugamba, nti, "Genda e *gindi*. Naye to—tokomerawo . . . Bw'oba ovaayo fulumira mu kkubo ddala," n'ebirala bwe bityo. N'ayongera n'a—n'amukuutira nti, "Tolya mmere so tonywa mazzi nga oli mu kifo ekyo."

7 Naye nnabbi omulala era naye ow'amazima n'amusisinkana, n'amugamba nti, "Mukama yansisinkanye bwe Yamaze okukusisinkana." N'aŋŋamba nkugambe, "Oyitireko ewange." Bw'atyo nnabbi oli n'awuliriza ebigambo bya nnabbi ono omulala bye yayogera, era n'afiirwa obulamu bwe. Okiraba, olina kukola ekyo Katonda ky'akugambye okukola ka kibe kiki kyonna omuntu omulala yenna ky'agamba.

8 Kati tuli . . . Mu kwolesebwa kuno, Ye . . . Yanzuukusa, ennaku z'omwezi zaali kkumi na ssatu Ssebutem- . . . manya Ddeesemba. Bwe—bwe nnali ntudde awo ku ludda lw'ekitanda kyange, muli nnali nneewuunaganya ku biseera byange eby'omu maaso bwe binaaba. Ne . . . Kubanga bwe nnakomawo wano, baali beetegese dda okuntwala gye bajjanjabira abalina kawumpuli n'endwadde ez'amaanyi ezisaasaanyizibwa abantu, kyenkana obuwuka obunyunyunsi bwali bummalawo. Era bankebererawo olwali okulinnya wano. Naye, olw'ekisa kya

Katonda, baamala ganzikiriza nzireyo eka, kubanga obuwuka obwo bwali bubunye omubiri gwonna. Ne nsaba, ne ŋŋenda nsisinkana abaweereza bali, ne mbagamba nti, "Mukama yaŋŋaana okugenda mu kitundu ekyo."

Naye mmwe ne muŋŋamba nti, "Ha, Katonda tayogera naawe wekka."

9 Ne mbagamba nti, "Koola naye lumu yalina ekirowoozo bwe kityo." Kale kati, naye nnagenda ne nfunayo ebikoola ne mbireeta ne mbiteeka ku bigere byabwe, ne mbagamba nti, "Mujjukire, mu Linnya lya Mukama waffe, bwe tugeza ne tugendayo, olugendo olwo terujja kulaba mukisa, ate fenna tujja kukisasulira." Era mazima ddala twakisasulira! Ha, bannange! Kaabula kata tufe. Kale bwe nnakomawo . . .

10 Ebikutuukako n'ebikweŋŋanga biba bingi nnyo mu mawanga ago ebweru gy'ogenda. Okugeza, enkukunyi obukukunyi bw'eti eyinza okukuluma, n'ekulwaza omusujja gw'enkwa. Ate akantu ako, bwe kakuluma, ne bw'owulira nga wakusiiwa, obeera tolina kutakulawo. Bw'otunulawo oti, n'olaba nga waliwo nga akawuka akaddugavu, tolina kukajjawo. Kabeera n'akatwe, ke kakozesa okusima ne kayingira munda mu lususu, ne keekyusa *kati* ne keerippa. Kale bw'oyagala okukasika okaggyemu, oyinza okukakutulako omutwe ne gusigalayo munda. Ate gubaamu vayiraasi, esobola okukusannyalaza. Kale toka . . . Tolina kwetakula, manya tolina kukasika kukeggyako; olina kufuna bufunyi muzigo. Ate kko kassiza mabega. Kale okatonnyezaako butonyeza muzigo, ne kakongokako.

11 Kati ate waliyo n'obusiri obusirikitu. Bwe kabuuka tolina ddoboozi lyonna lw'owulira. Kabuuka bubuusi ne kajja, ne [Ow'oluganda Branham yeekuba akayi ku mukono—Omuk.] kakukoonako kati, ekyo kyokka, nga ofunye omusujja gw'ensiri.

12 Kati—kati waliyo omusota gwe bayita ettemankima. Ogwo bwe gukubojja, obeerawo eddakiika nga bbiri n'ofa bwe guba gukubozze.

13 Ate ne wabaawo gwe bayita enswera eya kyenvu. Ogwo ggwo bwe gukubojja obeerawo eddakiika kkumi na ttaano n'ofa. Era waliwo ogumu ku ggyo ogwali gusemberedde ddala mutabani wange, kaabula kata agukwate ne ku mutwe. Nga gusitudde omutwe, gunaatera n'okumubojja, we twagukubira essasi, mu bwangu ddala.

14 Ne wabaawo ne gwe bayita enswera enzirugavu. Ha, waliyo buli kimu! Okwo ate, kw'ogatta n'ensolo ez'omu nsiko, empologoma, emmondo, manya engo, na buli kimu by'obeera olina okulwanagana nabyo, eyo mu ttale. Kw'ogatta n'endwadde, kumpi waliyo buli kika kya ndwadde.

15 Kale bw'ogendayo ebyo byonna bye biba bikulindiridde. Kati nga oggyeeko ebyo, ate ne wabaawo abasamize

ab'okukusoomooza ku buli ludda, mukiraba, n'eddogo lyabwe lyonna na buli kimu. Naye, nga, kirungi okukamala okulaba engeri Mukama waffe ebyo byonna gy'abiwugula, ku buli ludda, bw'atyo, n'osobola okweyongerayo.

Ne ku olwo nzijukira bulungi, bwe nnali awo nga nnyimiridde, byonna byonna, ebyabaawo, ndibibanyumiza mu lukuŋŋaana olulala, kubanga njagala kuyingira mu kyakuyigako kyange olw'eggulo luno, ekikwata ku *Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu*.

16 Naye kati, ku kiri we nnali nneewunaganya, bwe nnali awo nga ntudde, muli nnali nneebuuza enkomerero eriba etya? Ekirala bwe twakomawo okuva emitala w'amayanja, mmanyi twalina emitwalo nga kkumi egy'abantu abaali balokose bwe twaliyo. Era Ow'oluganda muzeeyi Bosworth yajja gyendi. Ne ŋŋamba, ne mmuyitaba nti, "Wangi, Ow'oluganda Bosworth?"

17 N'aŋŋamba nti, "Nkwenyumiririzaamu nnyo, Ow'oluganda Branham!" N'agamba nti, "Obulamu bwo wa—waakabutandika butandisi," era n'agamba.

18 Nze ne mmugamba nti, "Nze nno, ndaba nga obuweddeyo." Ne ŋŋamba nti, "Emyaka amakumi ana nnagisukka. Nzikiriza nnwanye okulwana okulungi era olugendo ndutuusizza."

19 Ye n'aŋŋamba nti, "'Mbu oyisizza mu myaka ana'?" N'agamba nti, "Nze nnali wa myaka egyo nga sinnaba na kulokoka." N'agamba nti, "Ate nkyalabika bulungi." Yali anaatera okuweza ekinaana. Awo . . .

Muli ne ŋŋamba nti, "Owaaye, tomanya kyandiba ekituufu."

20 Kye yava aŋŋamba nti, "Nedda, kati oli Branham omupya eyaakasabuukululwa. Kati omanyi bulungi bw'olina okuddukanya enkuŋŋaana zo okusinga ku bwe wali okola, n'ebintu ebirala." N'agamba nti, "Kimu kyokka singa olisobola okunnyikiza Amerika enjiri mu ngeri entuufu, n'enkuŋŋaana ezitegekeddwa obulungi, mw'osobolera okusiisira okumala wiiki nga mukaaga oba munaana mu kifo, n'ozitegeka bulungi ne zirangibwa buli wamu wonna," n'agamba nti, "oliba n'eky'amaanyi ky'otuukako, naye, ne ku lwa Mukama waffe." Kale ne tugenda mu maaso, bwe tutyo, era kyali kirungi nnyo—nnyo ddala.

21 Bwe waayitawo akaseera, ne ndaba okwolesebwa, nga ndi mu Amerika, ne kunzijira, ne kunzizaayo ate mu Afirika, ne kundaga olukuŋŋaana olwo lwe lumu, nga abantu batudde awo mu kibuga Durban. Kati olukuŋŋaana olwasooka ne lubula ne luvaawo, ne lubulira mu Bugwanjuba. Ne wajja olukuŋŋaana olw'okubiri era, bwe lwajja, ate lwo lwali lunene nnyo ddala okusinga olukuŋŋaana luli olwasooka bwe lwali. Bw'atyo n'A . . . Ne mpulira okuleekaana, ne wabaawo Malayika akka okuva mu Ggulu; nga Alina ekitangaala eky'amaanyi.

22 Ne Malayika wa Mukama ayimirira wano naffe, yali ayimiridd-. . . bulijjo ayimirira ku mukono gwange ogwa ddyo, ku ludda *luno*. Naye Yali ayimiridde awo, nga bwe Ye—nga bw'Aseeyeeya. Ne ndaba Omusajja ono nga ayimiridde wansi We. Oyo—Oyo awo taba. . . Kati, okwo tekuba kwolesebwa bw'omulaba. Kiba kya nnamaddala nga bw'ondaba. Kubanga, obeera osobola okumuwulira nga atambula era nga ayogera naawe. Era bw'A. . . Buli kimu, kiba kya ddala. Kale tekuba kwolesebwa; Omusajja abeera ayimiridde awo wennyini nga naawe bw'oyimiridde awo. Era eddoboozi Lye libeera liwulikika bulungi ddala nga eryange oba nga eriryo bwe lyandiwulikise. Naye ate okwolesebwa, ekintu kirabikawo awo mu maaso go n'okiraba, bwe kityo. Naye ono Omusajja ye yajja buzzi n'ayimirira awo.

23 Bw'atyo n'Aŋŋamba. . . ekyali kigenda okubaawo. Era n'Aŋŋamba nti e. . . Malayika ono yakka wansi, n'Andagira nkyuke ntunule oludda *luno* olulala. Era waalabika nga okwolekera e Buyindi, kati. Sigamba nti waali Buyindi, naye okuliraana awo. Wabula baali Bayindi.

24 Kubanga, Abafirika bantu ba kiwago, b'amaanyi, bagulumivu banene. Abamu ku bo babeera kyenkana baweza fuuti musanvu obuwanvu, nga n'okuzitowa bazitowa, ha, kiro nga kikumi abiri mu musanvu, oba kikumi asatu mu mukaaga, nga banene. Waliyo Abazulu, kati, Abashungi n'Abasuto, ne, ha, waliyo ebika eby'enjawulo biyitirivu. Waaliwo ebika by'abantu kkumi na bitaano eby'enjawulo ebyali bitudde awo ku olwo, bye nnali mbuulira.

25 Nnayogeranga ekigambo kimu, okugeza, "Yesu Kristo, Omwana wa Katonda." Nga nsobola okugenda ne nnywa olwendo lw'amazzi ne nkomawo nga abavvuunuzi bonna tebannakimalayo. Nga omu ayinza okugamba. . . N'owulira amaloboozi aga buli ngeri!

Nnali ndowooza, bwe nnawulira Abapentekoote nga boogera ennimi, nga omu ayinza okubaako eddoboozi ly'afulumya n'omulala eddala, nga muli nneebuuza ddala ekyo kisoboka kitya? Naye nzikiriza Bayibuli ntuufu, era mmanyi nga Ntuufu, bw'Egamba nti, "Tewaliiyo ddoboozi litalina kye litegeeza." Ddala bwe kiri.

Abamu ku bo nga bagamba, omu ku bo nga ayinza okugamba, "Blrr blrr blrr blrr," olwo nga ekyo kitegeeza nti "Yesu Kristo, Omwana wa Katonda." Ate omulala n'agamba nti, "Cluck cluck cluck cluck," nga n'ekyo kitegeeza "Yesu Kristo, Omwana wa Katonda," mu lulimi lwe. Kale eddoboozi ne bwe liba liwulikika litya, lirina kye litegeeza awantu awamu. Ddala bwe kiri. Eddoboozi ka libe nga liwulikika litya, lirina kye litegeeza eri omuntu omu mu kifo ekimu. Era bwe Ya. . . Nga babivvuunula.

26 Era nneetegereza nga ku mukono gwange ogwa kkono, Malayika oyo bwe yakka wansi nnalaba nga awaaliwo ekibinja ky'abantu, era baali basajja nga balina . . . baalabika nga abaali be—beetooloozeddwa olugoye, bwe *bati*, nga bonna basabikiddwa era basibiddwa wamu, nga akaana akawere, bwe kabeera kasabikiddwa mu kasuuka. Era kyali. Era nnali nsobola bulungi okulengera ewala ddala, naye nga wonna wajjudde bantu. Awo Malayika ono n'afuuka ekitangaaala ekinene ekyali kitangalijja, ne kitandika okwewuuba nga kidda eno n'eri, bwe *kityo*. Era ssirabanga ku bantu bangi nnyo mu bulamu bwange nga bali!

27 Kati awo Malayika ono omulala n'asemberera ddala kumpi nange, n'Aŋŋamba nti, "Olukuŋŋaana olwo lulimu abantu emitwalo asatu." Nkirina ne wano nnakiwandiika. Nammwe mubeeko ne we mukiwandiika ku lupapula, nga bwe nnabagamba ku ky'okuzuukizibwa kw'akalenzi kali akato mu ggwanga lya Finland. Na kino mubeeko ne we mukiwandiika ku mpapula za Bayibuli zammwe ezisemba emabega oba awantu wonna, nti mu lukuŋŋaana luno (Wagenda kubaawo olukuŋŋaana. Era mujja kuwulira ebirukwatako mu ngeri emu oba endala.) olulibaamu abantu emitwalo asatu abalijja okwetaba mu lukuŋŋaana olwo. Kati, mulindirire mulabe oba nga si bwe kiriba. Olwo luliba lukubisaamu luli emirundi esatu. Mukiraba? Lulibaamu abantu emitwalo asatu. Nange nneesunga okulubeeramu, ssimanyi kya kukola, kubanga njagala nnyo okuwangulira Mukama emmeeme.

28 Ate era eyo, lumu, gye nnalaba—nnalaba emitwalo esatu egy'abakaafiiri bali bennyini kakongoliro nga bajja eri Yesu Kristo okulokoka mu kuyita abaagala okulokoka, emitwalo esatu egy'abakaafiiri bali bennyini kakongoliro.

29 Kati leka tuyingire mangu mu ky'okuyigako kyaffe. Eggulo twayize ku ngeri emizimu gye gikolamu. Leero mbadde ndowooza, ku ngeri Katonda gy'akolaganamu nange. Temumanyi mirembe giri mu kufulumako bweru. Kati, siri muyigiriza. Eky'okuba o—omuyigiriza wa Bayibuli nkiri wala nnyo. Era ndi . . . Obuyigirize bwange bukoma ku kibiina kya musanvu kyokka. Kale ekyo . . . Nga, ne mu ekyo, nnava mu ssomero emyaka nga abiri mu etaano egiyise, kale eryo liba bbanga ddene ddala bukya ndekera awo okusoma. Kale ssirina buyigirize buli awo bwa maanyi, wabula byonna bye mmanyi by'ebyo bye nfuna okuyita mu kuluŋŋamizibwa. Naye okuluŋŋamizibwa okwo bwe kuba tekukwatagana na Bayibuli, kuba kukyamu. Mukiraba? Kulina kuba kwa Bayibuli. Ne bwe kuba kuluŋŋamizibwa okwenkana wa, kuteekwa kuva mu . . . *Kino* wano gwe musingi gwa Katonda. Tewaliiyo musingi mulala gwonna gwasimbibwa okuggyako Guno. Era kyonna Kino kye kiri, bye njogera singa bikontana na Kino, awo ebigambo byange mubitwale okuba obulimba, kubanga Kino ge Mazima.

Mukiraba? Mukiraba? Ne bw'aba malayika ssinga akugamba ekintu ekyawukana ku Kino, Pawulo agamba nti, "Akolimirwe," ne bw'aba malayika ow'Omusana. Kati, waliwo ebintu bingi ebikulu. Naye na . . . kimu kyokka . . . Nnalonzeewo ennaku bbiri, okusobola okuyigiriza abantu ku ky'okuyigako kino, ezo nga lwe lwa jjo n'olwa leero, mu nkuŋŋaana ez'olw'eggulo.

30 Kati, kino ekyankinkozesezza, kwe kwegezesa okugezaako okulaba oba nga Katonda anannyamba. Waliwo ekintu kye nnina ku mutima gwange. Era nga ekyo, kiri nti, Obubaka buno obukulu nga buwedde, nga ne Katonda Mwene akakasizza ebyo bye njogedde okuba nga ge Mazima, mu Kigambo Kye; okuyita mu Kigambo Kye, okusooka, n'oluvannyuma okuyita mu bubonero n'ebyewuunyo. Kati, ndowooza, wamu n'Amazima g'Enjiri eri Ekkanisa, nvunaanyizibwa, eri Katonda, kino okukireeta eri Ekkanisa. Bwe kiri. Bonna beekutulakutulamu ebitundu, mu bibiina eby'enjawulo n'obubondo obw'enzikiriza ezitali zimu, okutuusa nti byonna bikyamu. Ffenna tuba baana ba Katonda bwe tuzaalibwa ogw'okubiri, Ekyo, mulaba. Era amazima gali nti ekyo Katonda ayagala tukitegeere, nti tuli baana Be.

31 Kati, jjukira nti, yeekaalu ya Sulemaani yazimbibwa nga ebizimbisibwa, babiggya okwetoloola wonna mu nsi. Era ejjinja erimu lyaleetebwa nga lyeweta lidda *eno*, ate ejjinja eddala nga lyeweta lidda *eri*, erimu bwe lyali lisalwa lyasalwa lyenyodde *liti*, ate eddala ne lisalwa nga lyenyodde lidda *eri*, naye, gonna bwe gaakuŋŋanyizibwa wamu, tewaawulirwa yadde eddoboozi ly'omusumeeno, newankubadde okukoona kw'ennyondo, buli kimu kyatuulanga mu kifo kya kyo. Katonda ye yali Omulagirizi w'omulimu ogwo.

32 Katonda alina ekkanisa eyitibwa eya Assemblies, endala eyitibwa kkanisa ya Katonda, endala eyitibwa *kino,* n'endala eyitibwa *kiri*. Era, naye bonna bwe balikuŋŋaana awamu, balibeera ekibinja kimu ekinene abalina okwagalana kw'ab'oluganda, era Katonda alibagatta wamu, Ekkanisa n'agikuŋŋaanya wamu n'agisitula n'agitwala waggulu mu bbanga.

33 Buli kifaananyi ekyayatiikirira, nga tekinnantimbibwa awatimbibwa ebintu eby'enkukunala, kirina okutimbibwa, kirina okwekebejjebwa abakugu, okusooka. Omusajja eyasiiga . . . ? . . . , manya, munsonyiwemu, erinnya lye ndyerabidde, eyasiiga ekifaananyi ky'Ekijjulo Ekyasembayo, kale, kyamutwalira obulamu bwe bwonna okusobola okukisiiga. Omusajja eyasiiga ekifaananyi ekyo. Kyamutwalira emyaka nga amakumi abiri, oba emyaka kkumi, nzikiriza, wakati w'okusiiga Kristo n'oluvannyuma n'asiiga Yuda. Era mwali mukyetegerezza nti, mu kifaananyi ekyo ekyayatiikirira ennyo, nti omusajja y'omu eyayimirira asiigibwe nga Kristo, oluvannyuma lw'emyaka kkumi y'omu eyayimirira asiigibwe

nga Yuda? Bwe kiri. Yakikola. Emyaka kkumi egy'okutambulira mu kibi, okuva mu kubeera omuyimbi nnakinku owa opera, okujja ayimirirewo asiigibwe ekifaananyi nga Kristo, n'ajja era n'asiigibwa nga Yuda. Ggwe tekikwetaagisa kumala myaka kkumi gyonna. Kitwala eddakiika kkumi zokka, zijja kukufuula ekintu kye kimu. Zijja kukyusa enneeyisa yo, okuva mu kibi. Naye, mu byonna, ekifaananyi ekyo kyayita mu beekebezi bonna.

34 Era ekyo kye ndowooza ku Kkanisa ya Katonda, ekibinja eky'abaayitibwa. Kati, mu kino sigenderera kujolonga muntu yenna. Nsaabadde ennyanja omusanvu, era kati ndi ku lugendo lwange olw'okusatu okwetooloola ensi, naye ogenda n'owulira abantu nga bagamba nti, "Omutukuvu eyeevulunga! Omutukuvu eyeevulunga!" Wabula nnoonyezza wonna mu nsi, naye sinnabaako mutukuvu yenna yeevulunga gwe nzuula. Eryo linnya bunnya ssetaani lye yapaatiika ku bantu. Kye kyokka. Tewali muntu yenna ayitibwa mutukuvu eyeevulunga. Nnina n'olukalala lw'amakanisa olukaaga mu enkaaga mu munaana ag'enjawulo agali mu nsi, agaagunjibwa, naye tewali n'emu ku zo eyitibwa y'Abatukuvu Abeevulunga. Ate nga olukalala olwo luva mu gavumenti. Simanyiiyo kkanisa n'emu eyitibwa nti eno kkanisa y'Abatukuvu Abeevulunga. N'olw'ekyo, ekyo kintu ssetaani ye kye yapaatiikawo. Naye, kati, mu kino kyonna, mu bintu bino byonna, Katonda alina ekifaananyi ky'asiize. Era olumu amakanisa gano amatono ag'edda agaalinga wano, abamu ku mmwe . . .

35 Ndaba abasajja bano ab'envi. Mutabani wange, olunaku lw'eggulo; nnabadde mu kisenge, nga nsoma, ne wajja omuweereza n'amugamba nti, "Njagala kulamusa ku kitaawo." Kati, mutabani wange akuze n'abantu nga Ow'oluganda Baxter n'abalala, abakugambirawo nti, "Nedda," ekyo ne kikoma awo, mu kaseera ako. Ekyo sikyagala. Mukiraba? Ne bwe mba . . . Weewaawo, sisobola kubeera muweereza wa bantu na Katonda, mu kiseera kye kimu. Naye ndowooza nnandyagadde okukwataganako mu ngalo n'ab'oluganda. Ekyo nkyagala okukikola. Waliwo eky'enjawulo kye kikola, njagala nnyo okukwatako mu ngalo za—z'omuweereza. Ssi muweereza yekka, wabula omwana wa Katonda yenna, njagala nnyo okukikola. Kati ekyo ssaakimanyaako okutuusa mukyala wange lwe yakiŋŋamba nga wayiseewo akaseera. Naye kale, singa omuweereza oyo yamugamba nti, "Lindako katono, akyali mu kusaba munda wali, naye—naye ŋŋenda kulaba ky'anaagamba." Ekyo, kale, waakiri kyandibadde kisingako. Kale nnamugololamu mu ekyo, obutakola atyo. Okiraba?

36 Ate nga kyo kituufu, tosobola kwewaayo eri buli kimu, nga ow'oluganda bwe yayogedde akaseera katono gye buvuddeko. Bw'okikola, weesanga nga we buzibira mbeera—mbeera nzenna nnyenjebuse, okiraba. Abantu batandika okwogera naawe, nga

oba oli awo buli omu alina endwadde emuluma, era olutandika bati okugyogerako, mangu ddala, nga Malayika wa Mukama yazze dda okugikutegeeza.

37 Waliwo omuntu atudde, antunuulidde mu kaseera kano kennyini, amanyidde ddala ekyo bwe kiri ekituufu, okuva mu ddakiika entono ezaakayita, oba nga ssaawa emu n'ekitundu gye buvuddeko. Omukyala atudde wano, ataategeera kye kyali kitegeeza, Malayika wa Mukama bwe yayogera naye ekiro kya luli n'abaako ne ky'amugamba, naye n'atakitegeera. Naye olwa leero kibaddewo, era kati amanyi kye kyali kitegeeza bwe Yayogera naye. Era engeri gye kyabaddewo, nnabadde nnyimiridde awo nga njogera naye, Malayika wa Mukama n'agendera ddala mu byafaayo bye n'abiggyayo n'amutegeeza ekimutawaanya, na buli kimu, ne—ne kye yabadde alowoozaako mu kaseera ako, n'eby'omu ku b'eŋŋanda ze, n'engeri Katonda gye yali yayogera n'agamba nti Akikakasizza, n'ekyali kigenda okubaawo. Kale bwe kityo ddala bwe kijja okuba. Okiraba? Katonda bw'atyo bwe yali akyogedde.

38 Naye, kati, olwo ate kiba kitya ku mirundi emirala emitonotono gye...Ate, buli kwolesebwa kwongera kukunafuya, mukiraba. Era okugira oti, ogenda okutuuka ku kkanisa ekiro, nga wenna oyenjebuse ebitagambika nga n'eky'okukola tokimanyi. Kale nno bambi munsabire, kubanga embeera gye mbeeramu eba ya kuva mu lukuŋŋaana olumu kudda mu lulala, na kudda mu lulala. Luno lwe lukuŋŋaana lwokka, lwe kyandibadde eky'enjawulo, singa mbadde wa kuddayo waka okuva wano nga ssirina kirala kyonna kye ŋŋenda kukola okumala emyezi nga giigyo, nnandizzeeyo ne nfuna eddobo lyange ne ŋŋenda ndoba ebyennyanja. Naye nva mu lukuŋŋaana olumu butereevu kudda mu lulala, ne nva mu luno butereevu ne nzira mu lulala, mukiraba. Bwentyo bwe mbeera.

39 N'ekirala mwenna musabe, mmwe abali wano mu kibiina. Baŋŋambye nti jjo ekiro wa—waliwo omuntu gwe nnabadde njogera naye, naye omuntu oyo teyayanukudde. Kati, ekyo nno kya bulabe nnyo, olaba. Ekyo bwe baakyogedde...Kati, ebiseera ebimu amataala gano tegaaka bulungi, wakati awo waliwo engeri y'akazikiza.

40 Era nneetegereza Malayika wa Mukama nga Ayimiridde wano, mbeera nsobola okukiwulira. Oluva awo ne ngiwulira nga evaawo wendi, ne nneekaliririza, n'Evaawo wendi n'Ebaako ne w'egenda n'eyimirira awo okumala akaseera, nga ngiraba. Awo n'Emyansa ne wabaawo okwolesebwa. Okwolesebwa okwo ne nkulaba. Ne nneetegereza okulaba omuntu abeera afaanana bw'atyo mu baliwo. Omuntu oyo ne mmuzuula, olwo ne ndyoka njogera. Ekyo kye kiba kigenda mu maaso. Ekyo kye kibaawo. Ekyo tewetaaga kukigamba buli omu, naye ekyo—ekyo kye kiba

kigenda mu maaso, mukiraba. Byonna biba mu mutendera gwa mwoyo.

41 Kati omuntu oyo bw'atayanukula kubaako ky'ayogera, kibanga bw'oyinza okusoma Bayibuli wano bw'omala n'ogamba nti, "Tebiriimu makulu Ebyo," n'obyessamula. Okiraba? N'olwekyo kiba kibi nnyo. N'olwekyo mubeere bulindaala, muwulirize, mwekalirize. Bw'Ayogera, yanukula. Okiraba, akaseera konna beera mwetegefu okumwanukula.

42 Kale kati mukyala wange, n'Ow'oluganda Beeler n'abalala abawerako, enkya ya leero, babadde bantegeeza ku nsonga eyo, nti waabaddewo omusajja eyabadde ategeezebwa ebikwata ku muganda we, alina w'ali awantu awamu, nga alina ekimutawaanya, n'ebirala bwe bityo. Naye omusajja teyayanukudde kubaako na ky'ayogera, kale oyo bw'atyo aba tasobola kuyambibwa. Ekyo kiri wakati wa Katonda na musajja oyo. Okwolesebwa kwanvuddeko. Ne mba nga sisobola kuddamu kukimanya, kubanga teyayanukudde. N'olw'ekyo, musseeyo omwoyo, mubeere bulindaala.

43 Kati nga tukwata ku ssomo lino ery'*Okuyiga ku Nkola y'Emizimu* n'okwogera ku mizimu. Kati, abantu, bw'oyogera ku "mizimu," mangu nnyo balowooza, "Ha, ebyo bya buzoole oba ekintu bwe kityo!" Naye emizimu weegiri ddala nga Bamalayika bwe baliwo ddala. Weegiri ddala.

44 Ne ssetaani waali ddala nga ssetaani, nga Yesu Kristo bw'ali Omwana wa Katonda. N'oli naye ye ssetaani! Eggulu lya ddala. Kati bwe watabaayo kintu kiyitibwa ggeyeena, kitegeeza tewaliiyo kiyitibwa Ggulu. Ate bwe waba tewaaliiyo kwesiima kwa Butaggwaawo . . . Kubonerezebwa kwa Butwaggwaawo, manyanga, kitegeeza tewaliiyo kwesiima kwa Butaggwaawo. Bwe watabaawo budde bwa misana, tewabaawo bwa kiro. Mukiraba? Naye nga bwe waliwo obudde obw'emisana, n'ekiro weekiri. Kasita—kasita wabaawo o—kasita wabaawo Omukristaayo yennyini, wateekwa okubaawo ne munnanfuusi. Kasita wabaawo omuntu omwesimbu ava eri Katonda, wateekwa okubaawo omuntu ow'okukigeegeenya ekyo. Mukiraba? Bulijjo waliwo ekibi n'ekirungi, ekiddugavu n'ekyeru, mu buli kimu mu bulamu, eky'amazima n'eky'obulimba buli wamu. Waliwo n'enjiri ey'obulimba, ne wabaawo n'Enjiri ey'amazima. Waliwo Okubatizibwa okw'amazima, n'okubatizibwa okw'obulimba. Waliwo okukkiriza okw'okwefaanaanyiriza obwefaanaanyiriza, n'okwa nnamaddala. Waliwo ddoola ya Amerika entuufu, ne wabaawo ne ddoola ya Amerika enjingirire. Waliwo Omukristaayo yennyini owa nnamaddala, ne wabaawo ne munnanfuusi yennyini, mukiraba, kuba kugeegeenya bugeegeenya. Kale bwe bityo bwe biri, byonna bitambulira wamu. Kati, tetusobola kubyawulamu. Katonda y'atonnyesa enkuba.

45 Nsaba Anzikirize mbeeko ne kye njogerako katono wano. Wano waliwo ababuulizi bameka? Muyimuse emikono gyammwe. Wonna wonna, ababuulizi, muyimuse emikono gyammwe tugirabe. Kale, Katonda abawe omukisa, ab'oluganda. Kati, kaakati, kino kye ŋŋenda okwogera temukitwala kuba njigiriza kati, naye, nga tetunnayingira mu kyakuyigako kino ekikulu, ŋŋenda kubaako ne kye mbabuulira. Wano waliwo Abapentekoote bameka? Muyimuse emikono gyammwe, wonna we muli. Weewaawo, mwenna muli Bapentekoote. Kale. ŋŋenda kubabuulira kye nnalaba omulundi gwe nnasooka okujja mu makkati gammwe, mu kibinja kyammwe.

Nnali wano eno wennyini mu Indiana, mu kifo ekiyitibwa Mishawaka. Ekibinja ky'Abapentekoote kye nnasookera ddala okulaba, baali bayitibwa aba—aba Pentecostal Assemblies of Jesus Christ, nzikiriza bwe baali bayitibwa, oba ekintu bwe kityo, nga bantu balungi nnyo. Kati beekolamu ekibiina ne beegatta era bayitibwa ba United Pentecost. Beekutula ku bali abalala, olw'ensonga y'okubatizibwa mu mazzi. Ekyo tekirina we kibafuulira bannanfuusi. Mu makkati gaabwe mulimu Abakristaayo bennyini aba nnamaddala bangi nnyo ddala, abajjuzibwa ddala n'Omwoyo Omutukuvu, era abaazaalibwa ogw'okubiri. Era nga Katonda yabawa Omwoyo Omutukuvu nga baabatizibwa mu "Linnya lya Yesu," ne bano abalala nabo n'abawa okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga baabatizibwa mu "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Kati, "Katonda bw'aba awa Omwoyo Omutukuvu, abo abamugondera," ku bonna—ku bonna b'ani abalina, b'ani abaamugondera? Kiikyo.

46 Ebyo singa mubyesonyiwa, bali abaagala okusigala batyo, ne mubaleka ne basigala batyo, ne mugenda mu maaso na kubeera baaluganda. Kye kyokka. Temu. . . Ekyo kyajja, lwa kwekutulamu, kweyawula. Mukiraba? Kyava ku ki? Kyajja lwa kwekutulamu, kweyuzaayuzaamu, kwawulamu bwa sseruganda, kweyawula na kwesala ku balala. Nedda, ssebo, tetweyawuddeyawudde, tuli omu. Bwe kiri.

47 Naye bwe nnayimirira mu makkati gaabwe, nneetegereza abantu bali. Kati, nze, bambi nnali nva mu kkanisa y'Ababaputisiti entonotono ey'omu Bukiikaddyo, kale, nneetegereza abantu bali, nnayingirayo munda era nnasanga bakuba mu ngalo, nga eno bwe baleekaana nti, "Ndi omu ku bo, ndi omu ku bo, ndi musanyufu okuba nti nsobola okugamba nti ndi omu ku bo!"

48 Muli ne ŋŋamba nti, "Bannange! Whew!" Mba nkyali awo, ne wabaayo avaayo n'ajja, nga azina amazina abula okwekutula. "Tuh-tuh-tuh-tuh-tuh," muli ne ŋŋamba, "zino mpisa nnabaki mu kkanisa! Bino sibiwulirangako." Ne nsigala

nga mbeetegereza, bye baali bakola. Nga muli nneewunya, "Naye ddala, abantu bano baliko kikyamu ki?"

49 Kati, mumpuliddenga nga njogera ku byafaayo by'obulamu bwange, ne njogera bwe nagenda mu lukuŋŋaana olwo. Naye kino kye kintu kye soogerangako, sikyogerangako, mu lujjudde. Kale ba. . . Kati, bwe muba mwagala okukisangula ku likooda zammwe, tekirina buzibu, musobola okukikola. Kale. Kati, mu kino nnatunula ne nnetegereza, kati muli nnalinga ŋŋamba nti, "Ddala, bano be bantu abasingayo okuba abasanyufu be nnali ndabye mu bulamu bwange." Eddiini yaabwe yali tebakwasa nsonyi. Ffe Ababaputisiti tutera okukwatibwa ensonyi, olw'olumu, ekyo mukimanyi. Mukiraba? Ate bwe batuuka okusaba, omanyi, ne bekweka emabega wa faani, nga bwe mumanyi. Ate—ate, naye ffe. . . Naye bali abantu si bwe baali, ow'oluganda, ba—baalina eddiini yaabwe munda mu bo, ne ku ngulu, n'okubeetooloola.

50 Kati, nzijukira ekiro ekyo lwe nnalinnya ku kituuti. Baatugamba nti, "Ababuulizi mwenna mujje ku kituuti." Lwali lukuŋŋaana olunene. Baalutegeka ludda eno mu Bukiikakkono, olw'ensonga—olw'ensonga y'okusosolwa kw'abaddugavu okwaliwo, olw'etteeka eryali lifuga mu Bukiikaddyo eryali liyitibwa erya Jim Crow. Kale bonna baali bavudde mu bitundu eby'enjawulo ne bajja baasisinkanira eyo. Kati, nange nnina we naali ntudde. Ne wabaawo agamba. . . Naye, kati waliwo. . . Nnawuliriza ababuulizi bonna abaabuulira okuyita mu lunaku olwo lwonna n'ekiro. Waliwo omubuulizi omu omukadde gwe baayaniriza, yali musajja muddugavu n'ajja, nga alinga alina omugo gw'envi okwetooloola omutwe gwe, bwe *guti*, nga ayambadde ekkooti y'ababuulizi empanvu ensongovu, nga bwe mugimanyi, nga eriko ekitogi ekya veruveeti, ate nga kwali kwa musana. Musajja wattu n'ajja *bw'ati*. N'agamba nti, "Abaana bange abaagalwa," n'agamba nti, "njagala okubabuulira," n'atandika okuwa obujulizi. Kyenkana ku kituuti nze nnaliwo eyali asingayo obuto. Kati n'agamba nti, "Mbabuulira!" Ekitundu ky'eky'okuyigirizaako kwe yakijja mu Yobu awagamba nti, "Wali ludda wa we Nnateerawo emisingi gy'ensi? Mbuulira we gyasibirwa."

51 Ababuulizi bali abalala bonna baali babuulidde ku Kristo, ku bintu bino bya bulijjo. Nnabawuliriza bulungi, era nnanyumirwa okubuulira kwabwe. Naye omulenzi ono nnamukadde ye yasukka! Ye yaddayo emabega eri mu myaka nga omutwalo mulamba nga ensi tennatandika. Yayambuka waggulu mu byali mu Ggulu n'akka wansi mu by'omu bwengula, n'ayogera ku byali bigenda mu maaso. Bali baabuulira, ku ebyo ebyali bigenda mu maaso ku nsi, emisana wonna; naye ye yabuulira ebyo ebyali bigenda mu maaso mu Ggulu. Yabuulira ku Kristo nga akkira ku musoke eyeekiise, ate n'amuzzaayo emabega ddala eri mu Butaggwaawo. Naye, nnamukadde

oyo yali yaakabuulirira eddakiika nga ttano, ne wabaawo Ekintu ekyamwambala. N'abuuka mu bbanga n'akoonaganya ebisinziiro bye, n'aleekaanira waggulu nti, "Whoopee!" Ekifo kye yalina kyali kigazi bulungi nga kye nnina wano. N'agamba nti, "Wano temulinaawo kifo kigazi kimala we nsobola kubuulirira," ne yeetala n'adda muli.

52 Muli ne ŋŋamba nti, "Bwe kiba kikoze kityo omusajja ow'emyaka ekinaana, nze kinankola kitya? Ekyo kye njagala. Ekyo kye njagala."

53 Naye ekyankwatako kyali kino. Kati, twogera ku mizimu. Ekyankwatako kyali nti, nnalaba abasajja babiri. Omu yali ku ludda olumu, n'omulala ku lulala. Era buli mulundi Omwoyo lwe yakkanga, nga abasajja bano basituka ne boogera mu nnimi nga baleekaana, n'amalusu ne gabakalira ku mimwa. Muli ne ŋŋamba nti, "Ha, bannange, ekyo singa nsobola okukifuna!" Okiraba? "Ekyo nga kiyitirivu! Ha, ekyo. . . Ekyo nkyagadde!" Kale, nnafuluma ne ŋŋenda mu musiri gwa kasooli. Era nnabanyumiza ebyafaayo by'obulamu bwange. Mubisomako mu katabo. Ne nneebaka ekiro kyonna. Ne nkomawo enkeera, muli ne ŋŋamba nti ŋŋenda kubaako ne kye nkakasa. Nnina engeri gye nkolamu ebintu etamanyiddwa muntu yenna okuggyako nze ne Katonda. Kale, mu ngeri eyo, mbaako emboozi gye nfuna ne nsobola okukwatagana n'omwoyo gw'omuntu ono. Mukiraba wano wennyini ku kituuti. Olaba? Kale kati nnatandika okwogerako n'omu ku basajja abo. Nnabalaba, nga batudde wamu, nga bagira ne bakwatagana mu ngalo ne bazina amazina ne baleekaana. Muli ne ŋŋamba nti, "Ha, bannange, ekyo kindabikira okuba nga kya nnamaddala!"

54 Bwentyo ne nkwatako omu ku bo mu ngalo. Ne mmubuuza nti, "Ogamba otya, ssebo?"

55 N'anziramu nti, "Ggwe ogamba otya." Nga musajja mulungi ddala, wa ggonjebwa. N'agamba. . .

Ne mmubuuza nti, "Oli muweereza?"

N'aŋŋamba nti, "Nedda, ssebo. Ndi mmemba kyokka."

56 Ne mbaako emboozi gye nnyumya naye nsobole okukwatagana n'omwoyo gwe. Mukiraba? Ye yali talina ky'akimanyiiko. Tewali n'omu yali akimanyi. Nnali sikyogerangako. Waayitawo emyaka egiwerako, nga sinnakyogerako. Kale ne ba. . . Naye ŋŋenda okukizuula, nga mazima ddala, musajja Mukristaayo, ddala yennyini! Omusajja oyo yali mutukuvu wa Katonda yennyini. Muli ne ŋŋamba nti, "Ow'oluganda, ekyo kirungi."

57 Naye ekyewuunyisa, bwe nnayogerako n'omusajja oli omulala, si bwe kyali. Yalina n'omukazi atali mukyala we. Ddala bwe kyali. Era nnamulaba, mu kwolesebwa. Muli ne ŋŋamba nti, "Eh, abaffe, tekisoboka kuba bwe kityo." Kati omusajja. . . Muli

ne ŋŋamba nti, "Kati, kati nno, omwoyo guno oguli mu bantu bano mukyamu. So si kirala kyonna."

58 Kale ekiro ekyo bwe . . . bwe nnaddayo mu lukuŋŋaana, nga emikisa gikka, nnasaba Katonda, era Omwoyo Omutukuvu, Malayika wa Mukama n'awa obukakafu nti oyo yali Mwoyo Mutukuvu. Era Omwoyo y'omu eyakkanga ku musajja *ono* ye yakkanga ne ku musajja *oli* omulala. Era buli mulundi Omwoyo lwe yakkanga, bombiriri baasitukanga, era nga bombi baleekaana n'okukuba enduulu ne batendereza Mukama, ne boogera mu nnimi ne bazina amazina. Ne ŋŋamba nti, "Kino ki—ki—kinnemye okutegeera, Mukama. E . . . Kino ssirina mu Bayibuli we ndaba, we kisobokera kuba kituufu." Kati ne ŋŋamba nti, "Osanga nnimbiddwa." Mukiraba? Ne ŋŋamba . . . Kati, wano, nze—nze sisobola . . . Ndi—ndi muntu akkiriza nti buli kimu kirina okuba mu Bayibuli. Kirina kuba Kino. Mukiraba? Ne ŋŋamba nti, "Mukama, embeera yange Ogimanyi, era nte—nteekwa okukiraba mu Kigambo Kyo. Naye ki—kinnemye okutegeera. Engeri Omwoyo Omutukuvu gy'ayinza okukka ku musajja *ono*, ate era Omwoyo Omutukuvu n'akka ne ku musajja *oli* omulala, nga omu ku bo mutukuvu ate omulala munnanfuusi. Ate nga mmanyi bwe kiri." Nkimanyi. Awatali . . . Omusajja oyo nnali nsobola okumuggyayo ne mmukakasa nti ddala bwe kiri, oba okumuyitayo ne nkimugamba.

59 Nga bwe nnabadde nsobola okukakasa nti omusajja oyo eyabadde atudde awo ekiro kya jjo, nti mu—mulimba awedde emirimu, bwe waba waali wabaddeyo omulimba yabadde oyo eyabadde atudde awo. Era nnabadde nsobola okumwasanguza, naye yandisituse n'atandika okukyankalanya. Kale nnakirese bulesi, olw'obutataataaganya lukuŋŋaana, naye nnabadde mmumanyi. Yee, ssebo.

Waaliwo n'abalala, babiri, abaali batudde emabega wali, ekiro kya luli, abaali bava mu kkanisa emu wano mu kibuga. Abakolokosi bennyininnyini! Nnabalaba. Naye, ssinga okikola, aba ajja kuleetawo kavuyo. Nkikozeeko emirundi egiwera. Kale kati mbaleka bulesi ne mbeesonyiwa, okiraba. Tekirina kabi. Katonda y'amanyi, Ye Mulamuzi. Bagenzanga ne banneesimbamu, lwe mujja okulaba ekinaabaawo, mukiraba, bagezanga.

Kiringa omuzimu guli, si nze nnagwasanguza. Gwe gwavaayo ne gujja gunsoomooza. Era awo Katonda we yakkira n'akola, mukiraba, bwe kiri, era mwalaba ebyaddirira. Kale. Naye mbyesonyiwa bwesonyiyi. Kyankaluubiriza olukuŋŋaana, omwoyo ogwo gwasigala gunsosonkereza bwe gutyo, mukiraba. Naye era nnagenda bugenzi mu maaso.

60 Naye kati, abasajja bano, kyannema okutegeera. Era waayitawo emyaka nga ebiri, oba esatu, bwe nnali engulu ku kyuma kya Green Mill, mu Indiana, wano, mu kifo

ky'abasikawutu. Nnali eyo mu mpuku gye ntera okugenda okusaba. Mba ndi eyo, ne ŋŋamba nti, "Mukama, ekibinja ky'abantu bali bannema okutegeera kye bali. Be bantu abasingayo okuba abalungi be nnali nsisinkanye mu bulamu bwange, naye nne—nnemeddwa okutegeerera ddala kisoboka kitya okuba nga ogwo mwoyo mukyamu. Nga ate . . . kale bwe kiba nga . . . Omanyi obugolokofu bw'omutima gwange. Omanyi nga bwe nkwagala na butya bwe nkuweerezza. Naye Omwoyo y'omu ali wano, nange, ye yali ku bantu bali. Era n'Aba ne ku musajja oli, eyaliyo, nga y'omu yennyini." Nga ntabuddwa.

61 Awo Mukama n'akka mu kisa Kye n'akindaga. Kyali bwe kiti. Okusooka kwa byonna, kirina okuba mu Byawandiikibwa. Yaŋŋamba nti, "Kwata Bayibuli yo." Ne nkwata Bayibuli yange. Ndowooza Bayibuli nnagikwata okumala eddakiika nga kkumi nga tewali n'omu . . . nga tewali Kigambo kirala kijja. Ne nneeyongera okulindirira okumala eddakiika nga ziizo. Nate ne mmuwulira nga aŋŋamba nti, "Bikkula mu Abaebbulaniya 6 otandike okusoma." Ne nkikola. Kati bwe nnatuuka awo, w'Egambira nti, "Enkuba etonnya ku nsi okugifukirira n'okugiteekateeka, olw'ekyo eki . . . naye amaggwa n'omwennyango, ebirindiridde okugaanibwa, enkomerero yaabyo kwokebwa." Olwo ne ndyoka nkifuna awo wennyini.

Muli ne ŋŋamba nti, "Kiikyo. Katonda yeebazibwe! Kiikyo." Okiraba?

62 Kati, Yesu yagamba nti, "Omusizi yagenda asiga ensigo," si bwe Yagamba? Kati, wano mwenna muli Bakristaayo. Nzijukira, buli omu yayimusizza emikono gye nga bwe muli, Abapentekoote, Abakristaayo abaazaalibwa ogw'okubiri. Kale. Ba . . . Era Agamba nti, "Omusizi yagenda, nga asiga ensigo. Naye bwe yali yeebase . . . " Nga awumuddemu, okufa, wakati awo. Mukiraba? "Naye bwe yali yeebase, omulabe n'ajja n'asigamu eŋŋaano ey'omu nsiko mu nnimiro eyo." Eŋŋaano ey'omu nsiko kye kiki? By'ebiddoddo, omweramannyo n'ebirala. Kati, "Naye omulimi (nga ye mubuulizi) bwe yalaba eŋŋaano eno ey'omu nsiko, n'agamba nti, 'Leka ŋŋende ngikuulemu.' Ye n'amugamba nti, 'Nedda, nedda. Ojja kukuuliramu n'eŋŋaano ennungi. Byombi bireke bikule wamu.'"

63 Wano waliwo ennimiro. Ennimiro eyo erimu kalandalugo, kibugga, kawunyira, na buli kimu kyonna mu yo. Si bwe kiri? Naye, ate, mu yo mulimu n'eŋŋaano entuufu. Kati, enkuba etonnya bulijjo ku nsi, okugifukirira. Kaakati, enkuba eba ya mugaso ki? Tebeera ya kufukirira kibugga. Kati mwekkaanye ate musseeyo nnyo omwoyo. Tebeera ya kufukirira kalandalugo. Enkuba eweerezebwa eri ŋŋaano ennungi, naye kibugga n'ebiddoddo nabyo bibeera n'ennyonta nga byetaaga amazzi nga n'eŋŋaano ennungi bw'ebeera egeetaaga. Era enkuba y'emu etonnya ku ŋŋaano ennungi y'emu etonnya ne ku biddoddo. Era ebiddoddo bijja kwegolola byesimbe bwa ntoogo,

nga byonna bisanyufu bisagambiza okukamala, mu ngeri y'emu n'eŋŋaano gy'ejja okwesimba yeegolole.

64 "Wabula ku bibala byabwe kwe mulibalabira." Kiikyo. Okiraba? Kaakati, Omwoyo Omutukuvu y'omu asobola okuwa munnanfuusi omukisa. Ekyo abamu ku mmwe Abaluminiyani kibawandudde eri, naye ago ge Mazima. Ago ge Mazima. Nnayigirizibwa obutukuvu, era nange, nzikiririza mu butukuvu. Naye Omwoyo y'omu, enkuba etonnyera abatuukirivu n'abatali batuukirivu, wabula ku bibala byabwe kwe mulibalabira.

65 Bwe ntunula ebweru wano ne ŋŋenda nga njagala kukungula ŋŋaano ennungi, eŋŋaano ennungi nja kugifuna, naye byo ebiddoddo bijja kusibibwa wamu emiganda. Ate nga nabyo enkuba y'emu eyatonnya ku lw'eŋŋaano ennungi y'ebibeezaawo. Kyokka ate nga enkuba teweerezebwa eri biddoddo, wabula eweerezebwa eri ŋŋaano ennungi. Naye enkuba nga bw'eba nti nayo eri mu nnimiro, eŋŋaano ennungi nga bw'eba . . . ebiddoddo okuba nti nabyo byali mu nnimiro y'eŋŋaano, nabyo byaganyulwa enkuba bwe yatonnya mu ngeri y'emu nga n'ebirala byonna bwe byaganyulwa. Era enkuba y'emu eyakuza eŋŋaano ennungi y'eyakuza n'ebiddoddo.

66 Ebintu byonna ebibaawo mu butonde biraga ebibaawo mu mwoyo, nga bwe tuyigiriza. Kiikyo, enkola y'emizimu, emizimu nga gigeegeenya Obukristaayo, kyokka ate, nga emirimu egiba gikoleddwa gibaako emikisa. Ago si mata ga bato, ab'oluganda, bwe muba musobola okukikkiriza. Mukiraba? Mulaba? Kaakati, ge—ge Mazima.

67 N'olw'ekyo, olwa leero siri mulokole lwa kubanga nsobola okuleekaana. Siri mulokole lwa kuba mpulira nti nnalokolebwa. Ndi mulokole kubanga nnatuukiriza ebyo Katonda by'ayagala nkole ebiri mu Bayibuli eno. Yesu yagamba nti, "Oyo awulira Ebigambo Byange n'akkiriza Oyo eyantuma, alina Obulamu obw'emirembe n'emirembe, era talijja mu musango, wabula aba asomose n'ava mu kufa n'ayingira mu Bulamu." Ekyo nkikkiriza. Bwe kiri. Era okusinziira ku byali byetaagisa okutuukiriza nnalokolebwa, kubanga Katonda bw'atyo bwe yagamba.

68 Oli ssinga aŋŋamba nti walokolebwa kubanga waliwo eyagamba nti, "Empewo ewuuma ey'amaanyi yantomera mu maaso," ekyo kiba kirungi, naye mbeera njagala mmanye empewo eyo ewuuma ey'amaanyi gye yava nga tennantomera mu maaso, okiraba. Kaakati, bulamu bwa kika ki bw'ogenda okutambuliramu nga empewo eyo ewuuma ey'amaanyi emaze okukutomera? Okiraba? Okiraba, otegeererwa ku bibala byo. N'olw'ekyo, emizimu gisobolera ddala okukolera wakati mu Bakristaayo. Ekyo mukikkiriza? Mulabe Pawulo, Pawulo yagamba . . .

69 Kaakati wano ab'enzikiriza y'Enkuba ey'Ebiseera Eby'oluvannyuma we . . . Bwe waba waliwo omuntu yenna

ow'enzikiriza eyo, nsaba onsonyiwe bwe mbaako ekikyamu kyonna kye mboogerako. Ssiyinza kuboogerako kikyamu kyonna nga bwe ssiyinza kwogera kikyamu kyonna ku ba nzikiriza ya ba Abassemblies, oba abalala bonna, Ababaputisiti, oba abalala bonna. Amazima ge Mazima. We mwawabira we wano: mufuula abasajja n'abantu ab'enjawulo okuba bannabbi nga ate si bannabbi. Bannabbi "tebabateekako buteesi mikono" ne bafuuka bannabbi ne batumibwa. Bannabbi bazaalibwa kye bali. Mukiraba? Mu Bayibuli, mulimu *ekirabo* eky'obunnabbi. Era awo we mwakolera ensobi, wakati w'ekirabo eky'obunnabbi ne nnabbi. Ekirabo . . .

70 "Katonda, mu bitundu eby'enjawulo ne mu ngeri ez'enjawulo yayogeranga eri bajjajjaffe, okuyita mu bannabbi, mu nnaku zino ez'oluvannyuma ayogera naffe okuyita mu Mwana We, Kristo Yesu." Era Omubiri gwa Kristo gulimu ebirabo eby'omwoyo mwenda ebikolera mu ggwo. Akawungeezi kano omukazi *ono* ayinza okubaako, eky'obunnabbi, naye ne kitaddamu kumubaako obulamu bwe bwonna. Ekiro ekiddako kiyinza kuba ku mukazi *ono*. Oba oli awo omulundi oguddako ne kiba ku musajja *ono*. Ate oba oli awo ne kiba ku *oli* emabega eri, omulundi oguddako. Ekyo omukazi oyo tekimufuula nnabbi, tekirina muntu yenna gwe kifuula nnabbi. Wabula kiba kirabo kya bunnabbi nga kye kikolera mu ggwe.

71 Era omusajja oyo manyanga obunnabbi obwo nga tebunnaba kwanjulibwa eri kkanisa, bulina okusooka ne bulamulwa abalamuzi nga babiri oba basatu ab'omwoyo. Ekyo bwe kiri? Okusinziira, kati, Pawulo yagamba nti, "Mwenna muyinza okuwa obunnabbi, omu ku omu." Ekintu bwe kibikkulirwa eri *ono*, *oli* omulala leka asirike. Kati, awo ekibinja ky'abantu abo bonna bajja kuba bannabbi, okusinziira ku njigiriza eriwo leero. Nedda, bannange ab'ekkanisa y'Abapentekoote, ebintu byonna twabitabulatabula. Era eyo y'ensonga lwaki Katonda tasobola kuyingira, okutuusa ekintu lwe tukigolola ne kidda ku Bayibuli. Bwe kiri. Olina okukwata ekkubo ettuufu. Onaazimba otya ennyumba nga totunudde ku ppulaani? Okiraba? Oteekwa okutandika mu ngeri entuufu.

72 Kaakati, mu ekyo, nnabbi, temulabayo muntu yenna yeesowolayo kuwakanya Isaaya, oba Musa. Waliwo omu eyakikola, lumu, Koola, n'ayagala okumuwakanya, Katonda n'amugamba nti, "Beeyawuleko, ŋŋenda kwasamya ettaka mba . . . " Nnabbi azaalibwa nnabbi. "Ebirabo n'okuyitibwa . . . - tebiriiko kusooka kwenenya." Bwe kutyo okwawula kwa Katonda bwe kuli, okuviira ddala nga akyali muwere. Buli kimu kyatuukiriranga ddala ku buli mulundi, buli kye yayogeranga kyonna gaabanga mazima era kyakakasibwanga ne kirabisibwa. Ekyo kye Kigambo kya Katonda, kijja eri nnabbi. Naye ekirabo eky'obunnabbi kyo kiba mu kkanisa.

73 Kati oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, bannabbi baali ba mu Ndagaano Nkadde." Nedda, nedda! Ne mu Nndagaano Empya mwalimu bannabbi.

74 Agabo yali—yali nnabbi ow'Endagaano Empya. Laba engeri Omwoyo w'obunnabi gye yakkamu n'agamba Pawulo ebyali bigenda okubaawo. Oluvannyuma ne wajja Agabo nga ava e Yerusaalemi, n'asisinkana Pawulo, ne yeesiba olukoba lwe, n'akyuka n'agamba nti, "BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, omuntu nannyini lukoba luno wa kusibibwa enjegere nga atuuse e Yerusaalemi." Agabo, eyayimirira n'ayogera, n'alagula ku ebyo ebyali bigenda okubaawo, yali nnabbi, teyali muntu aliko bubeezi ekirabo eky'obunnabbi.

75 Kye kimu ne ku kirabo eky'okuwonya wamu n'ebirabo ebyo byonna, mukwano gwange Omupentekoote, byonna mwabitabulatabula. Ebirabo bisangibwa mu kkanisa, bisobola okuba ku muntu yenna mu kkanisa, omuntu yenna eyabatizibwa n'ayingizibwa mu Mubiri. "Ku bw'Omwoyo omu fenna tubatizibwa okuguyingiramu." Era Bayibuli egamba nti . . .

"Naye, nze nnina ekirabo eky'okuwonya."

76 Naye, Bayibuli egamba nti, "Mwatuliraganenga ensobi zammwe, mwekka na mwekka, era musabiraganenga." Buli omu asabire munne. Tetuli kibinja ekyeyawuddeyawudde; tuli kitole, tuli kibinja ekiri awamu. Okiraba?

Kaakati, n'emizimu bwe gityo oluusi bwe gikola.

77 Kati mwekkaanye Pawulo kye yagamba nti, "Omu bw'ayogera mu nnimi ate omulala n'avvuunula, era byonna by'aba ayogedde, leka bisooke kulamulwa nga tebinnayanjulwa eri kkanisa."

78 Kati, tekujja kuba kunokola Byawandiikibwa, oba ekintu eky'engeri nga eyo. Katonda teyeddiŋŋana. Wabula kujja kuba kulabula eri ekkanisa. Kati abalamuzi abaawula obulungi bwe bagamba nti, "Tukikkirize." Kale, olwo nga bivudde eri Mukama. N'omulamuzi ow'okubiri naye n'agamba nti, "Tukikkirize." "Mu kamwa k'abajulirwa babiri oba basatu, leka buli kigambo kikakate." Awo nga ekkanisa ekikkiriza nga egenda ekyeteekerateekera. Kaakati ekyo ssinga tekituukirira, ekyo kye kiba kyogedde, kiba kitegeeza mulina omwoyo omukyamu mu makkati gammwe. Ekyo bwe kiri. Naye bwe kituukirira, awo mwebaze Katonda, Omwoyo wa Katonda abeera ali mu makkati gammwe. Mukiraba? Kati, eyo y'ensonga lwaki mulina okuba bulindaala n'okwegendereza. N'olw'ekyo, temugezaako kukaka kintu kyonna. Sisobola kwekyusa ne mba na maaso ga mmunye ya kitaka nga ate nnina ga mmunye ya bbululu, okiraba, nnina okumatira n'amaaso gange ag'emmunye eya bbululu. Kaakati, awo emizimu we gikolera mu mutendera ogw'abantu ab'omwoyo.

79 Kati tulinawo wano ekintu eky'obuziba ekijja, era ka nsuubire nti si kya buziba nnyo. Kati mu Samwiri Ekisooka 28, njagala mbeeko Ekyawandiikibwa kye nsoma mu kaseera kano kennyini. Njagala muwulirize bulungi. Era njagala njasanguze "emizimu," mbalage bwe gikolera wakati mu kkanisa mwennyini, n'engeri Ssetaani gy'alina ekijingirire ku buli kintu kyonna ekya nnamaddala ekiriyo. Kaakati musobola okukiraba, okusinziira ku Bayibuli, nti emizimu gijja wakati mu Bakristaayo ne gigeegeenya.

80 Era emirundi mingi tulangiridde abantu okuba nti Bakristaayo bwe bagambyenga nti, "Nzikiririza mu Yesu Kristo." Naye, ne ssetaani naye akkiriza ekintu kye kimu, n'okukankana n'akankana. Ako si ke kabonero akalaga nti olokose. Olumu ku biro bino njagala njigirize ku kulondewa, lwe mujja okutegeera obulokozi kye butegeeza. Mukiraba? Obulokozi si kintu kye walinamu omukono, okusooka kwa byonna, oba ku nkomerero ya byonna, oba ekintu kyonna ky'oyinza okukola. Katonda alokola omuntu, awatali kakwakkulizo konna. Ekyo nno, kinnyikidde buziba ddala, si bwe kiri? Kati, ndowooza ekyo nakyo nsaanye nkibaggyemu nga tetunnagenda wala. Kale.

81 Okukkiriza kwaffe kwatandikira ku Ibulayimu. Si bwe kiri? Ha, Ibulayimu yalina ekisuubizo. Era ndowooza oba oli awo, Ibulayimu Katonda yamuyita lwa kuba yali musajja wa kitalo? Nedda, ssebo. Yafuluma Babulooni, mu—mu nsi y'Abakaludaaya, mu kibuga Uli, Katonda n'amuyita n'akola naye endagaano Ye, awatali kakwakkulizo konna. "Ŋŋenda kukulokola. Ate si ggwe wekka, Ibulayimu, wabula n'Ezzadde lyo," awatali kakwakkulizo konna.

82 Katonda yakola endagaano ye n'omuntu, naye ye omuntu endagaano ye agimenya entakera; omuntu takuumangako ndagaano ye na Katonda (Amateeka tebaagakwata; amateeka gaabalema okukwata; ne Kristo bwe yajja naye amateeka yagamenya, Ye kennyini.) kubanga ekisa kyali kimaze okugabirira omulokozi, Musa, yabateerawo ekkubo ery'obuddukiro, naye, manyanga yabateerawo obuddukiro, naye era abantu, n'oluvannyuma lw'ekyo, baasigala baagala babeeko ne kye bakola. Omuntu bulijjo agezaako okubaako ne ky'akola okwerokola, nga ate toyinza kukikola. Bwatyo bwe yakula. Olwali okukizuula nti yali bukunya, mu lusuku Adeni, mangu ago n'aluka eby'okwambala mu bikoola by'emiti. Si bwe kyali? Naye yakizuula nga byali tebiyinza kukola. Tewali kintu kyonna muntu ky'ayinza kukola kwerokola. Katonda y'akulokola, awatali kakwakkulizo konna, okuyita mu mirembe gyonna. Ate bw'olokolebwa, obeera olokose.

83 Mulabe Ibulayimu. Omusajja oyo yali ludda eri, n'avaayo n'ajja erudda eno, era Katonda n'amuwa ensi ya Palesitayini n'amulagira obutavangayo. Omuyudaaya yenna afuluma

Palesitayini yabanga agudde. Katonda yamugamba kubeeranga eyo. Katonda bw'abaako ne ky'akugamba okukola, ggwe n'otakikola, awo obeera ogudde. Si bwe kiri? Kati, ne wajja ekyeya, okugezesa okukkiriza kwa Ibulayimu. Naye Ibulayimu mu kifo ky'okusigalayo, nedda, teyasobola kusigalayo, yadduka n'avaayo, n'atwala Saala ne batambula olugendo lwa mayiro nga ebikumi bisatu (nnyabula ssinga mbadde n'obudde okwogera ku ekyo) ne bagenda mu nsi endala.

84 Era bwe yatuukayo, n'asangayo kabaka ono ow'amaanyi, Abimereki. Yali muvubuka muto nga anoonya mubeezi, bw'atyo bwe yalaba mukyala wa Ibulayimu, Saala, n'awulira nga amwagadde. Awo Ibulayimu n'amugamba nti, "Kati, ggwe mugambe nti oli mwannyinaze nange ndi mwannyoko."

85 Era ekyo ne kisanyusa Abimereki, bw'atyo n'agamba nti, "Ekyo kirungi, kale ka tumutwale munda mu lubiri." Era nzikiriza abakazi baamuyooyoota ne bamutonaatona, era kabaka yali wa kumukuba mbaga enkeera.

86 Naye Abimereki yali musajja mulungi, nga musajja mutuukirivu. Kale ekiro ekyo, aba yeebase, Mukama n'amulabikira n'amugamba nti, "Ggwe oli mufu wa jjo." N'amugamba nti, "Omusajja . . . Oyo omukazi gwe watutte gw'ogenda okuwasa, muka musajja." Kati mwetegereze. "Muka musajja."

87 Naye, n'agamba nti, "Mukama wange, Omanyi obugolokofu bw'omutima gwange," omusajja omutuukirivu, omutukuvu. "Omanyi obugolokofu bw'omutima gwange. Oyo omusajja yaŋŋambye nti oyo 'mwannyina.' Ye omukazi si ye yaŋŋambye, kennyini, nti oyo 'mwannyinaze'?"

88 N'agamba nti, Katonda n'amugamba nti, "Mmanyi obugolokofu bw'omutima gwo, era eyo y'ensonga lwaki nnakutangidde oleme kwonoona gye Ndi. Naye oyo nnabbi Wange!" Aleeruuya!

89 Yali abadde ki? Yali agudde, nga atandise n'okwogera obulimba, n'okukuluppyakuluppya. Si bwe kiri? Ha, nedda, tewaliiyo bulimba butonotono bwa kwetaasa. Buba bulimba ddala bwennyini oba si ekyo si bulimba yadde. Omusajja wuuyo atudde awo ayogera obulimba obw'enkukunala, nga agamba mbu ono "mwannyina" ate nga mukyala we, nga si mulambulukufu, nga yagwa.

90 Kyokka nga wano eno omusajja ono omutuukirivu ali mu maaso ga Katonda, yeewozaako nti, "Mukama, omanyi omutima gwange."

91 "Naye sijja kuwulira kusaba kwo, Abimereki, mutwale . . . zzaayo omukazi weegayirire bba akusabire. Oyo omusajja nnabbi Wange; ye gwe Nnaawulira." Ddala, omusajja eyagwa, omulimba, wabula nga agamba nti, "Oyo nnabbi Wange." Ago Mazima? Eyo ye Bayibuli.

92 Kati, tewekubiira nnyo ku ludda lwa nzikiriza ya Kikaluviini egamba nti, "Bw'obeera mu kisa, lubeerera osigala oli mu kisa," kubanga ojja kwonoona kagenderere. Okiraba? Kati, mulindeeko katono, tujja kufunayo akadde wiiki eno ekyo tukirambulule tubalage bwe kiri. Naye ate leka kulowooza nti olw'okuba olina ekikyamu ky'okoze nti kati olwo obulidde ddala emirembe gyonna. Oli mwana wa Katonda, wazaalibwa Omwoyo wa Katonda, muli baana ba Katonda ab'obulenzi n'ab'obuwala, era ebibala bijja kukakasa. Kiikyo.

93 Kati, tuutuno, tutudde mu nsi. Kaakati, njagala nsome wano, olunyiriri olw'o 6.

> *Awo Sawulo bwe yabuuza* Mukama, Mukama *n'atamwanukula, newankubadde mu* kirooto, *newankubadde* mu *Ulimu newankubadde* okuyita mu nnabbi.
>
> *Awo Sawulo n'alyoka agamba abaddu be nti, Munnoonyeze omukazi* aliko *omuzimu ŋŋende gy'ali mubuuze.*

Awo nsobola okubaako ne kye njogerawo awo wennyini, oku . . . "Munnoonyeze omukazi aliko omuzimu."

> . . . Omuddu we n'amugamba *nti, Laba, waliwo omukazi* aliko *omuzimu e Endoli.*
>
> *Sawulo ne yeekyusa n'ayambala* ebyambalo, *ebyambalo ebirala, n'agenda,* babiri . . . *ye n'abasajja babiri naye, ne bajja eri omukazi ekiro:* ne boogera nti, *nkwegayiridde,* . . . ndagula, *n'omuzimu* gwo, *onninnyisize . . . gwe nnaakugamba erinnya.*
>
> *Awo omukazi n'amugamba nti, Laba, omanyi Sawulo* kye yakola, omanyi, *bwe yazikiriza mu nsi abo abaliko emizimu, ne . . . n'abafumu:* kati ddala . . . *kiki ekikuteeza obulamu bwange ekyambika okunzisa?*
>
> *Sawulo* n'amwanukula, *n'alayira* Mukama *ng'ayogera nti, Nga* Mukama *bw'ali omulamu, tekulikubaako kibonerezo kyonna olw'ekigambo kino . . .*
>
> *Awo omukazi n'ayogera nti, Ani gwe mba nkulinnyisiza . . . ggwe? N'ayogera nti Nninnyisiza Samwiri.*
>
> *Awo omukazi bwe yalaba Samwiri, n'akaaba n'eddoboozi ddene: omukazi n'agamba Sawulo nti Onnimbidde ki? kubanga ggwe oli Sawulo.*
>
> *Kabaka n'amugamba nti Totya: kubanga olaba ki? Omukazi n'agamba nti* nda . . . *n'agamba Sawulo nti, ndabye bakatonda nga bava mu ttaka nga bambuka.*
>
> *N'amugamba nti, Embala ye* ebadde *eri etya? N'ayogera nti Omusajja omukadde ayambuka;*

era yeenagiddeko omunagiro. Awo Sam-. . . (Ogwo weewaawo, gwe munagiro gwa nnabbi. Mukiraba?) . . . *n'ategeera nga Samwiri,* n'ayimirira ne. . . *n'avunnama amaaso ge, ne yeeyanza.*

Awo Samwiri n'agamba Sawulo nti, Lwaki okungolokosa, okunninnyisa? Sawulo n'addamu, n'agamba nti, *Nneeraliikiridde nnyo;* kubanga *Abafirisuuti balwana nange, era Katonda anvuddeko, so* takyannyanukula, *newankubadde okuyita mu* nnabbi, *newankubadde* mu kirooto: *kyenvudde. . . nkuyita, ontegeeze bye mba nkola.*

Awo *Samwiri n'ayogera nti, Obuuliza ki. . .* ombuuliza ki nze *nno. . . nze, Mukama ng'akuvuddeko, era—era ng'afuuse mulabe wo?*

Era Mukama amukoze, *nga bwe yayogerera mu nze: era Mukama ayuzizza obwakabaka* bwe ng'abuggya mu *mukono* gwo, era abuwadde. . . *Dawudi:*

94 Kati, abasinga obungi ku mmwe, bino mubimanyi. Kati twagala tukiyingiremu butereevu, era nsaba Katonda atuyambe kaakano, okumala eddakiika entonotono, kino tusobole okukiyingiramu. Kaakati mulabeeyo. Waaliwo omusajja, Sawulo, mu kiseera ekimu eyali atwalibwa okuba nnabbi, kubanga yalagulanga wamu ne bannabbi. Abayigiriza, ekyo bwe kiri? Kaakati, wano omusajja yali agudde. Si bwe kiri? Naye mujjukire Samwiri gye yagamba gye yali agenda okubeera, naye, enkeera. Yafa ekiseera kye tekinnatuuka, mukiraba. Kale nno, bw'osambajja Katonda, Katonda ajja kukujja ku nsi.

95 Mulabe mu bbaluwa y'Abakkolinso, engeri Pawulo gye yaluŋŋamyamu abantu abo. Yabagamba nti, "Okusooka, nneebaza Katonda ku lwammwe, okuba nti mu makkati gammwe temuli bintu bya ngeri eyo, n'ebirala, n'engeri gye—gye mutabulwako kirabo kyonna kya mwoyo." Nga abategeeza kye bali, ekifo kyabwe, mu Kristo. Olwava awo n'atandika okubakomerera ennyondo, n'abalangira ababuulizi baabwe abakazi, ne bye baali bakola, ne bwe baasemberanga ku mmeeza ya Mukama waffe.

N'ayogera ne ku musajja eyeebakanga ne muka kitaawe, era eri omusajja ono n'agamba mu Kristo nti, "Mumuweeyo eri ssetaani, omubiri gwe okuzikirizibwa, emmeeme ye eryoke erokolebwe." Mukiraba, ky'ekyo, mumuweeyo. Bayibuli egamba nti, "Mu mmwe kye muvudde mubaamu bangi abanafu n'abalwadde, era bangiko abeebaka," baafa nga ekiseera kyabwe tekinnatuuka olw'ekibi. Katonda n'akutwala n'akuggyawo; ako kaba kabonero kalungi akalaga nti obadde Mukristaayo, bw'otwalibwa.

96 Kale, kati mulabeeyo wano eno, Sawulo yali atwalibwa okuba omu ku bannabbi, manya yabalibwanga nga omu ku

bannabbi, olw'okuba yalagulanga. Naye kati yali agudde, olw'okuba yajeemera Katonda, n'obwakabaka bwe ne buyuzibwa nga buggyibwa mu mikono gye ne buteekebwa mu mikono gya Dawudi, Katonda gwe yali yafukako amafuta nga akozesa Samwiri, ng'akozesa akasumbi k'amafuta.

97 Mwekkaanye, mu biro ebyo, baalina engeri ssatu mwe baayitanga okuzuula ebintu ebiva eri Katonda; engeri esooka kwali—kwali kuyita mu nnabbi, ey'okubiri kwali kuyita mu kirooto, ate ey'okusatu kwali kuyita mu Ulimu ya Sumimu. Naye tewali n'emu ku zo yasobola kuwa kwanukula. Kati, mumanyi bulungi nnabbi y'ani, mumanyi bulungi ekirooto eky'omwoyo kye kitegeeza, era mumanyi bulungi Ulimu ya Sumimu kye yali. Omanyi, luli nnina o—omusajja gwe nnabuuza Ulimu yali ki, naye omusajja oyo yalemwa okumbuulira kiki kye yali, Ulimu ya Sumimu. Weewaawo, yabanga Katonda nga y'ayanukula okuyita mu ebyo. Mukiraba?

98 Era ssetaani akolayo ekijingirire ekya buli kimu ku ebyo; omulogo, nnabbi w'obulimba, n'oyo alaguza emmunyeenye. Mukiraba?

Kati, Ulimu ya Sumimu yateekebwanga mu kifuba kya Alooni, *wano*, era Ulimu ya Sumimu yabikkanga amayinja ago. Era baagiwanikanga mu yeekaalu. Era buli lwe baabanga tebeekakasa, baagendanga mu maaso ga Katonda, okufuna okwanukulwa, era ekitangaala kyayakanga ku Ulimu ya Suminu eyo, ekyalaganga, oba kwagala kwa Katonda, oba nedda. Kati Ulimu ya Sumimu bwetaayanukulanga . . . Kati, okwo kwabanga kwanukulwa okuvudde butereevu ewa Katonda.

Kaakati, Ulimu ya Sumimu eya leero; abalaguzi bakwata ejjinja eryekulungirivu eritemagana, okukoppa Kiri; naye nga ekyabwe kintu kya bulimba. Katonda ali mu busatu; n'amaanyi ga Katonda gali mu busatu. Ne ssetaani ali mu busatu, n'amaanyi ge nago gali mu busatu. Era nsobola okukikasa nga nkozesa Bayibuli. Era Ulimu ya Sumimu eyo, e . . . leero ly'ejjinja eryekulungirivu eritemagana ssetaani ly'akozesa. Ate nnabbi ow'obulimba gwe tulina leero, gwe tulina kati, yali, manyanga, ye musamize, n'omulaguzi abali buli wamu, abadda mu kifo kya nnabbi, ku ludda lwa ssetaani. Mulaba kye ntegeeza?

99 Kaakati, ate, Ulimu ya Sumimu eya leero ye Bayibuli eno. Omuntu yenna bw'awa obunnabbi oba ekirooto, nga tebikkiriziganya oba tebikwatagana na Bayibuli ya Katonda, biba bikyamu. Temubikkiriza.

100 Waliwo omusajja eyajja gyendi gye buvuddeko, nga ava mu Buyindi, gye nteekateeka okugenda, omubuulizi omulungi omuto. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekindeese wano." N'agamba nti, "Waliwo omukazi eyafuna Omwoyo Omutukuvu, era," n'agamba, "yali mukazi wa mutima mulungi nnyo ddala, omwagalwa." N'agamba nti, "Naye

yali yaakafumbirwa emirundi ena, era nga kati abeera na mwami we ow'okuna. Ne ŋŋamba nti, 'Naye, ekyo kisoboka kitya, Mukama?'" N'agamba nti, "Naye nnagenda gy'Ali ne ŋŋamba nti, 'O, ekitiibwa kibe eri Katonda!' Ne ŋŋamba nti, 'Aleeruuya! Mukama atenderezebwe!'" Yali omu ku bantu ab'ekika ekyo, nga bwe mumanyi. "Nnagamba nti, 'Aleeruuya! Mukama atenderezebwe!'" N'agamba nti, "Mukama yaŋŋamba nti, 'Kaakano, ŋŋenda kukuwa ekirooto.'" N'agamba nti, "Era nnaloota nga ndaba mukyala wange, nga ndaba ali mu bwenzi. Naye n'akomawo gyendi n'aŋŋamba nti, 'O, onansonyiwa, Victor? Onansonyiwa? Saa . . .' 'Nga lwaki nedda,' ne mmugamba, 'ddala, nja kukusonyiwa era okomewo n'ewaka.'" N'agamba nti, "Kaakati, ekyo kye nnakola." N'agamba nti, "Olaba, nsonyiwa."

101 Ne mmugamba nti, "Victor, ekirooto kyo kyali kirungi nnyo, naye ssetaani ye yakikuwa."

N'ambuuza nti, "Lwaki?"

102 Ne mmugamba nti, "Tekikkiriziganya na Kigambo kya Katonda. Oyo omukazi aba ali mu bwenzi. Mazima ddala. Tasobola kubeera na basajja bana. Mazima ddala. Bw'alekawo oli n'addayo ew'oli eyasooka, abeera mu mbeera mbi nnyo n'okusinga gye yalimu mu kusooka. Aba alina kusigala bw'omu, ebbanga erisigaddeyo ery'obulamu bwe." Ne mmugamba nti, "Okimanyi bulungi ekyo bwe kitakkiriziganya na Kigambo kya Katonda. N'olw'ekyo omukazi oyo . . . Ekirooto kyo kyali kya bulimba." Ne mmugamba nti, "Tekikkiriziganya na Kino."

103 Era bwe baabanga ne nnabbi n'awa obunnabbi, n'abaako ne ky'ayogera, ne baagala okulaba oba nga ddala obunnabbi obwo butuufu, baabutwalanga mu maaso ga Ulimu ya Sumimu. Era Eddoboozi lya Katonda bwe lyayakisanga ekitangaala ku Ulimu ya Sumimu, olwo bwabanga Mazima ddala, gennyini. N'olwa leero omuntu bw'abaako okuvvuunula kwonna kw'awa, oba n'awa ekirooto, oba ekintu kyonna okuva mu Bayibuli, ne, oba ekintu ekirala kyonna, naye ne kitakkiriziganya na biri mu Bayibuli ya Katonda, kiba kya bulimba. Eyo ye Ulimu ya Sumimu eya leero. Ekigambo kya Katonda kyogera, era eryo lye Ddoboozi eriviira ddala butereevu ewa Katonda, nga Ulimu ya Sumimu bwe yali luli nga Bayibuli tennawandiikibwa. Amiina! Aleeruuya! Kati mpulira nga ayingidde mu mwoyo. Temundowooleza kuba muzoole, bwe muba kye mulowooza. Mmanyi bulungi, mmanyi bulungi wa we ndi. Sikyamuukiridde bukyamuukirizi. Bwe kiri.

104 Gano ge Mazima, Ekigambo kya Katonda! Ssifaayo oba waloota kirooto kya ngeri ki, oba wawa bunnabbi kika ki, bwe butaba Kigambo kya Katonda, bukyamu, bwe buba tebukkiriziganya na Kigambo ekyo. Ogwo gwe mutawaana oguliwo ensangi zino. Omu agenda n'afuna ekirooto, omulala

n'afuna okwolesebwa, omulala n'ayogera mu nnimi, omulala n'afuna okubikkulirwa; ekintu kyonna ne bakitabulatabula na buli kimu kyonna, ne mumaliriza nga mulina bibiina bya madiini nga buli kimu bakikutuddekutuddemu. Musaanye mubikomyewo ku musingi ogw'enkomeredde, nga kye Kigambo kya Katonda. Ekyo kituufu.

105 Amakanisa gabaako ebintu eby'enjawulo kwe gasimbibwa, omu agenda n'agamba nti, "Ha, Yesu aliddira ku mbalaasi njeru. Nkikakasa. Nnamulaba mu kwolesebwa." Ne batandikawo ekkanisa ekkiriza bw'etyo. "Ha, aleeruuya! Aliddira ku bire." N'eyo ne bagitandikawo nga bw'etyo bw'ekkiriza. Ne beekutulamu, ne baawukana, ne batandika okweyita amannya nga "ekisu ky'ensega," ne "kkuŋŋaaniro lya nsekere," n'amalala ag'engeri eyo. Kati, ow'oluganda, ekyo kyennyini, kiragirawo, nti omutima gwo teguteredde na Katonda bw'okola otyo. Bwe kiri. Tuli baaluganda. Tulina buli omu okussa ekimu ne munne. Ffenna buli omu yeetaaga munne.

106 Kati mulabeeyo. Sawulo yali yagwa, bw'atyo n'agenda. Yali, Katonda, yali amukwese amaaso Ge. Bw'atyo n'agenda ne yeebuuza ku bannabbi. Bannabbi ne bagenda ne bagezaako okulagula, naye Katonda n'abaziyiza, ne batayinza kulaba kwolesebwa. Nnabbi n'afuluma, n'amugamba nti, "Nnemeddwa. Nedda. Tewali n'ekimu kikukwatako ky'aŋŋambye."

107 Kye yava, agamba nti, "Mukama, kale waakiri mpa ekirooto." Ne wayita ekiro ne wayita ekirala, nga tewali kirooto kyonna kijja.

108 Awo n'ayingira awali Ulimu ya Sumimu, n'agamba nti, "Ayi Katonda! Bannabbi mbagezezzaako, ebirooto mbigezezzaako, naye kati Ggwe nnyamba. Tookikole?" N'asalibwako n'atawulirizibwa, ne watabaawo Kitangaala kimyansa yadde.

109 Oluvannyuma lw'ebyo byonna n'asalawo okugenda eri omulogo, anyoombewa, owa wansi. N'agenda gy'ali, ne yebbirira nga yeefuddemu nga omuntu omulala. Bw'atyo omulogo ono n'agenda mu maaso n'ayitayo omwoyo gwa Samwiri.

110 Kati, mmanyi kye mulowooza. Waliwo bangi abagambye nti, "Oyo teyali Samwiri." Naye Bayibuli egamba yali Samwiri, n'olwekyo yali Samwiri. Ekyo kyewuunyisa engeri gye nkitegeddemu, si bwe kiri? Naye oyo yali Samwiri. Bayibuli egamba yali ye.

111 Era omulogo oyo yali asobola okumuyitayo, era yayitayo Samwiri. Era Samwiri waliwo ekifo ekirala we yali, wabula nga amanyi ebigenda mu maaso, era nga akyayimiridde mu munagiro gwe ogwa nnabbi. N'olw'ekyo, ow'oluganda, bw'ofa, toba mufu, obaako awantu awalala w'oba nga oli mulamu, awantu awamu.

112 Leka nsooke nsimbewo akati, nsooke nnambulule ensonga eno ey'enkola y'emizimu. Omukazi ono omulogo yali muzimu, wabula yali akwataganira ddala n'ensi ey'omwoyo. Kati, ensangi zino, waliwo abasamize bangi abategeera obulungi ebikwata ku nsi ey'omwoyo n'okusinga abantu abeeyita Abakristaayo, naye nga abantu abo mizimu. Ne mu biro bya Bayibuli bwe kyali.

113 Yesu bwe yali wano ku nsi, waaliwo bapolofeesa n'abayivu n'abayigiriza, abamu ku baali basingayo obulungi abaali babaddewo, nga bava mu matendekero g'eby'eddiini agasingayo nga balungi ddala n'okusinga be tuyinza okufulumya leero. Ate nga baalina okuba nga, basajja batukuvu, basajja ba mannya. Omuleevi bwe yazuulibwanga, yalinanga okuba nga taliiko kya kunenyezebwa kyonna, nga atuukiridde mu buli kimu. Kyokka nga omusajja yabanga talina ky'amanyi ku bikwata ku Katonda nga akamyu bwe katalina kye kamanyi ku bya ngatto zambalwa mu muzira. Yesu bwe yajja, yalemwa okumutegeera, era yayita Yesu "ssetaani." N'agamba nti, "Oyo Beeruzebuli, omulangira wa ssetaani." Si bwe kyali?

114 Kyokka ne wajja omuzimu ogw'eddaala erisembayo okuba erya wansi, ogwali gwawamba omusajja ne gumusibira eyo mu malaalo, na buli kimu, ne giraajana. Ssetaani yennyini n'agamba nti, "Tumanyi ky'Oli. Ggwe Mwana wa Katonda, Oyo Omutukuvu." Si bwe kyali? Abalogo n'abasamize, n'emizimu, baamuyita Mwana wa Katonda; kyokka ababuulizi abaatendekebwa, okuva mu matendekero g'ebyeddiini ne bamuyita Beeruzebuli. Omutuufu yali ani, ssetaani oba omubuulizi? Ssetaani ye yali omutuufu. Era, ow'oluganda, n'olwa leero tekikyukangako. Amaanyi ga Katonda tebagategeera.

115 Ne bw'oba n'okuyigirizibwa okwenkana wa, okwo osobola okukwenyumirizaamu. Katonda tali mu bigambo bya maanyi. Katonda aba mu mutima omwesimbu. Oyinza okuyimirira, wano n'oyogera ebigambo eby'amaanyi, nga ki, naye ekyo tekikusembeza kumpi na Katonda. Osobola okuyimirira ne weegezaamu nga bw'on'obuulira n'oyogera ebintu bino byonna, naye ekyo tekikusembeza kumpi na Katonda. Osobola okuyiga ebigambo byonna ebiri mu nkuluze n'otuuka n'okuba nga osula nayo mu buliri, naye era tekikusembeza kumpi na Katonda. Omutima omuwombeefu, ogweweereddeyo ddala, mu ngeri ennyangu, gwe gukusembeza awali Katonda. Era ekyo kituufu. Amiina! Omutima omuwombeefu, Katonda gw'ayagala. Kati, ne bw'oba tomanyi nnukuta za ABC, ekyo tekirina njawulo yonna gye kikola. Gulina kuba mutima muwombeefu kyokka! Katonda atuula mu mutima muwombeefu; si mu buyigirize, si mu matendekero, si mu kusoma bya ddiini, si mu zi seminaaliyo, si mu bifo ebirala bino byonna; si mu bigambo eby'amaanyi, newankubadde ebifo ebya waggulu. Katonda atuula mu mutima gwa muntu. Era gy'okoma okwewombeeka ne wessa wansi,

gy'okoma okwanguyirwa, okufuuka ow'amaanyi mu maaso ga Katonda.

116 Muleke mbeeko ne kye mbalaga. Ennimiro zammwe wano ndaba zijjuddemu ŋŋaano. Ekikolo ky'eŋŋaano ekiba kikuze obulungi lubeerera kyewetamu. Naye akatabi akasongola ne keesimba, ne keewuuba nga gy'oli nti kamanyi buli kimu, tekabeera na kintu kyonna kyonna mu mutwe gwako. Bwe kiri ne ku bantu bano abasinga obungi abalowooza mbu bamanyi bingi nnyo mu mitwe gyabwe, naye nga, mu mitima gyabwe temuli kantu. Omutwe omutukuvu gujja kuvunnama eri Amaanyi, era gutegeere nga Yesu Kristo ye Mwana wa Katonda, gukkirize n'emirimu Gye.

117 "Kuba y'Omu, nga bwe yabadde jjo." Weewaawo, ddala, bamutegeera, mu ndaba ey'ebyafaayo. Naye eno si nsonga ya byafaayo. Abantu bayimirira ne bagamba, "O, nzikiriza Pentekoote, we baafunira okufukibwako kuli okw'ekitalo n'ebintu ebyo byonna," n'asiiga busiizi ekifaananyi eky'omuliro. Omuntu afa obutiti tasobola kufuna bbugumu kuva mu kifaananyi bufaananyi eky'omuliro ogusiigiddwa. Omuliro ogusiigiddwa obusiigwa mu kifaananyi tegubugumya. Kale ky'ekyo kye baali. Naye ate kiri kitya leero, bw'Aba nga y'omu jjo, leero, n'emirembe gyonna? Ekyo kifaananyi bufaananyi eky'omuliro ogusiigiddwa. Omuntu afa obutiti, bw'omulengeza n'omugamba mbu, "Laba omuliro ogwenkanidde awo gwe baalina." Agukozese ki, ogwo tegusobola kukubugumya.

118 Bye baakola ku Pentekoote, bye baalina mu Ndagaano eyasooka, tubirina leero! Era ekintu Katonda olunaamala okukigolola, Ekkanisa n'eruŋŋamizibwa nga bw'erina okuba, Okukwakkulibwa kujja kubaawo. Naye tetusobola yadde okufuna okukkiriza okusobola okuwonyezebwa Katonda, nga tetunnayogera na ku Kukwakkulibwa, kubanga ffenna twetabuddetabudde, omu ali ku ludda *luno* n'omulala ku ludda *luli*. "Dokita *Gundi* yakwogerako *bw'ati*. Naye, ate nze omubuulizi wange yagamba nti Yali *Kino*."

119 Gye buvuddeko, waliwo omukazi eyagamba nti, "Oyo mufere bufere." N'agamba nti, "Nze faaza wange bwe yaŋŋambye." Nnyaabula singa faaza we abadde asobola okujjako wano, twandirabye ku ffembi ani mufere. Weewaawo. Tujja kulaba ani mufere. Jangu okigezeeko.

120 Jjuuzi wano, mu kibuga Harlingen, mu Texas, nnalinayo olukuŋŋaana. Era baali batimbye ebipande ebinene, ku mamotoka ekiro ekyo lwe nnagendayo, ebyali bigamba nti ekitongole ekikessi ekya FBI kyali kigenda kunnyanika nga bwe ndi omufere. Kati waaliwo omuwala omuto eyali awonyezeddwa mu kitundu ekimu mu Texas. Yali ava ngulu eri, era, ndo— ndowooza, mu mayiro nga lukumi, engulu eri okuliraana Panhandle. Ate bino ebyali bigenda mu maaso byali mmanga

mu Harlingen, emmanga ku nsalo. Ow'oluganda Baxter yajja, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "akavuyo akali emmanga eri tokalabanga, waliyo abantu nga enkumi nnya oba ttaano." N'agenda mu maaso n'agamba nti, "N'ekirala, waliyo, aba FBI bali buli wamu bagenda kukukwatira ku kituuti akawungeezi ka leero, bakwanike."

Ne mmugamba nti, "Ekyo nno, nkyagadde."

121 N'ambuuza nti, "Ojjukira omuwala oli omuto eyawonyezebwa ekiro kya luli?"

122 Nnali nkomyewo eka nga nva mu. . . nga nnyingira mu kisenge kyange. Ne mpulira akaaba, ne ntunulatunula okwetooloola awo. Nga ndowooza oba oli awo waliwo alumbiddwa. Ŋŋenda okulaba nga muwala y'akaaba. Ne nkyuka emabega. Ne ŋŋamba. . . Ne nzirayo emabega, ne mmubuuza nti, "Mutawaana ki, Nnyabo?" Waaliwo abawala babiri abato nga be bayimiridde awo, ba myaka nga kkumi na musanvu, kkumi na munaana, buli omu, nga bakwataganye, bakaaba.

123 Omu n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham!" Ne nkitegeera nga bammanyi. N'agamba, "Tu, ono nnamuleese wano." N'agamba nti, "Alina kutwaliba mu ddwaliro lya batabufu ba mitwe." Kati omuwala oyo yaliko mu lukuŋŋaana lwange olwali mu kibuga Lubbock, mu Texas. N'agamba nti, "Nnategedde nga ssinga mmuleeta wano n'omusabira, nzikiriza Katonda ajja kumuwonya."

124 Muli, ne ŋŋamba nti, "Okwo nga kukkiriza kwa maanyi!" Ne mmugamba nti, "Naye, kati, mwannyinaze, osobola okumutwala. . . " Amangu ago ne mmugamba nti, "Bwe mwabadde mujja wano mwajjidde mu mmotoka ya langi ya kyenvu, si mwe mwajjidde?"

N'addamu nti, "Weewaawo!"

Ne mmugamba nti, "Maama wo yagongobala."

N'agamba nti, "Ddala bwe kiri."

Ne mmugamba nti, "Ova mu kkanisa y'Abamesodisiti."

N'agamba nti, "Ago ge mazima gennyini."

125 Ne mmugamba nti, "Bwe mwabadde mujja, kaabuze kata emmotoka yammwe yeevulunge. Ggwe n'omuwala ono mwabadde museka ne mutuuka mu kifo awabadde nga ekitundu ekimu eky'oluguudo kya kkoolaasi ate ekirala nga waliwo nkokoto, wabadde oweta na kkoona."

N'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, ago mazima!"

Ne ŋŋamba nti, "Kati nno, BW'ATI, BW'AYOGERA MUKAMA, omuwala awonyezeddwa."

126 Enkeera akabuga konna yali akasiikudde, nga agenda bw'agamba buli omu, nga ategeeza buli omu ekyabaddewo. Ate, abantu b'omu kabuga bbo baali n'okumumanya tebamumanyi,

nga tebamanyi oba ddala eyo y'embeera gye yabaddemu oba nedda. Kati ku olwo ne. . . Ow'oluganda Baxter n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'aŋŋamba nti, "abawala bali bali mu kusibako byabwe bagende." Kati kino kye kintu kye nnali mmanyi kye yali tamanyi. Ssente zaffe ez'okukozesa zaali zikendeeredde ddala. Ensonga eyo ssimukkiriza kugyogerako. Naye omu ku bawala abo yali yatadde ddoola lwenda mu—mu kiweebwayo eggulo limu nga kino tekinnabaawo, era ssente ezo n'aziteeka ku ngulu. Kati, ye yali, n'okutuusa mu kaseera kano yali tannakimanya, naye nze nnali nkimanyi. Mukiraba? Ekyo na . . . Katonda yaŋŋamba byonna bijja kuba bulungi.

127 Kati Ow'oluganda Baxter yaŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba, "nzikiriza nkuŋŋaanyeeyokko ku ssente." N'agamba nti, "Wano bakyazizza ku bamu ku bano abeeyita abasabira abantu ne bawona ku bwa Katonda ne bakuŋŋaanya ssente eziwera okuva mu bantu bano."

128 Ne ŋŋamba nti, "Ŋŋaanye. Nedda, ssebo. Tojja kukikola. Ow'oluganda Baxter, omulundi gw'olisolooza ssente mu ngeri eyo, gwe mulundi nze naawe lwe tulikwatagana mu ngalo nga ab'oluganda ne twawukana, ne nkwata gange." Mukiraba? Ne mmugamba nti, "Ekyo tewetaaga kukikola." Ne mmugamba nti, "Katonda alina ente ku busozi lukumi, era buli kimu Kikye. Nze ndi wuwe. Ajja kundabirira."

N'agamba nti, "Kale."

129 Kati ekiro ekyo kyennyini n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, labayo. Waliwo omuntu e. . . Labayo! Muno mulimu ebbaasa, etaawandiikiddwako linnya, erimu obupapula mwenda obwa ddoola kikumi kikumi. Ze tubuzaako zennyininnyini."

Ne mmuyita nti, "Ow'oluganda Baxter."

N'aŋŋamba nti, "Nsonyiwa."

130 Kati ne nkimanya nti yabadde muwala oli. Kati—kati olunaku olwaddako, Ow'oluganda Baxter n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, abawala bali mu kusibako ngoye zaabwe, era bakaaba."

Ne mmubuuza nti, "Ate mutawaana ki?"

N'aŋŋamba nti, "Ndowooza gendayo obalabe."

131 Ne ŋŋenda mu kisenge mwe baali. Nnamubuuza nti, "Bali mu kisenge ki?" Ne ŋŋendayo ne nkonkona ku luggi. Ne mbawulira nga bakaaba. Ne nkonkona ku luggi, omuwala n'avaayo n'ajja ku luggi, n'aŋŋamba nti, "O, Ow'oluganda Branham, nsonyiwa." N'agamba nti, "Gino emitawaana gyonna givudde ku nze."

Ne mmubuuza nti, "Emitawaana? Ate mitawaana ki, mwannyinaze?"

N'agamba nti, "O, nze nkuviiriddeko aba FBI okuba nga bakunoonya."

Ne ŋŋamba nti, "Eh, ky'ogamba kituufu?"

132 N'agamba nti, "Kituufu." N'agamba nti, "Ndabika nnasussizza nnyo okuwa obujulizi ku kyabaddewo buli wamu mu kabuga, na buli wamu."

Ne mmugamba nti, "Nedda."

133 Ye n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, aba FBI gyeebali, gyeebali, bagenda kukwanika akawungeezi ka leero."

134 Ne mmugamba, "Tewali buzibu, bwe—bwe mba nnina ekikyamu kye nkola, kiŋŋwaanidde nnyanikibwe." Okiraba? Ne ŋŋamba nti, "Mazima ddala. Bwe kiba nga okubuulira Enjiri kwetaaga okwanikibwa, tewali buzibu, leka tukikole." Okiraba? Ne ŋŋamba nti, "Nze—nze—nze obulamu bwange Bayibuli eno gye ngoberera, era Bayibuli eno ky'etayogera . . . Eno y'engabo yange, eno." Okiraba? Kati ne mmugamba, naye n'a . . .

N'agamba nti, "Naye," n'agamba nti, "nsonyiwa olw'ekyo kye nnakoze."

Ne mmugamba nti, "Tolina kye wakoze, mwannyinaze."

N'ambuuza nti, "Ky'ogamba, totidde kugendayo?"

Ne mmugamba nti, "Nedda."

N'aŋŋamba nti, "Naye ate, aba FBI gyeebali."

135 Ne mmugamba nti, "Abo baali, bazzeeko mu lukuŋŋaana lwange n'okulokoka ne balokoka." Ne ŋŋamba nti, "Mw. Al Farrar . . . "

136 Kaputeeni Al Farrar, abasinga obungi ku mmwe mumanyi ebikwata ku ngeri gye yalokokamu engulu eri mu Tacoma, mu kibuga Washington, bwe yalokoka, bwe twali gye bakubira ssabbaawa. Yajja mu lukuŋŋaana, n'agamba nti, "Nzize ngoberera omusajja ono okumala emyaka ebiri. Mpulidde na byonna ebikwata ku bya ssente, ne mbyekenneenya, ne ntalaaga buli wamu wonna." N'agamba nti, "Gano ge Mazima, gwe muwuliriza akawungeezi kano si muzoole, wabula ge muwuliriza ge Mazima." N'agamba nti, "Waliwo omu ku baserikale, be nnabeeranga nabo eyatwala omwana we ew'omusawo n'amukebera oluvannyuma n'amuweereza ajje mu lunyiriri lw'ab'okusabirwa," n'agamba nti, "omwana ne bamugamba kyennyininnyini ekyali kimutawaanya, n'ekyamutuukako. Ne bamugamba nti, 'Mu nnaku munaana ajja kuba azzeeyo ku ssomero,'" yali mulwadde wa pooliyo. N'agamba nti, "Ku lunaku olw'omunaana omwana yaddayo ku ssomero." N'agamba nti, "Ngoberedde omusajja ono okumala emyaka ebiri," nga ebyo byonna abyogerera mu maaso g'abantu omutwalo mulamba. Byonna ebyo biri . . . Ekifaananyi ekyakubibwa eky'ebyo ebyaliwo, mu lukuŋŋaana olwali mu

Seattle, mwekiri—mwekiri mu katabo kammwe. N'agamba nti, "Mwenna mwenna njagala mukitegeere nti ono gwe muwuliriza si munnaddiini omufere. Wabula muwuliriza Mazima." Kaputeeni Al Farrar. Olunaku olwaddako ne mmuluŋŋamya okukkiriza Katonda, n'afuna n'okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, nga tuli mu kifo gye bakubira ssabbaawa, emmanga eri mu kibangirizi ekyo ekigazi.

Kati ne ŋŋamba omuwala ono nti, "Weesanga n'omusajja ono naye anaakola ekintu kye kimu."

Kati bambi n'ambuuza nti, "Otidde okugendayo?"

137 Ne mmugamba nti, "Okutya? Nga lwaki ntya, sitidde n'akatono. Nedda sitidde yadde. Nga kiki ekintiisa nga Katonda ye yantuma okukikola? Ye y'Alwana olutalo, si nze." Kye nnava mmugamba nti, "Kaakati, mmwe ssaagala mubyenyigiremu njagala mubyewale." Bwe tutyo . . .

138 Ne tugenda mu lukuŋŋaana ekiro ekyo, ekifo kyonna kyali kikubyeko abantu. Eyali avunaanyizibwa ku lukuŋŋaana kye yava avaayo, n'agamba nti, "Levulandi Branham, nnapangisizza abaana Abamekisiko kkumi." N'agamba nti, "Mulabeeyo wano wagamba nti, 'Levulandi Branham aba FBI bagenda kumwanika akawungeezi ka leero, balage nga bw'ali munnaddiini omuzoole,'" ndowooza kyali kisomamu nga bwe kityo. N'agamba nti, "Kitimbiddwa ku buli emu ku mmotoka ezo. Ŋŋenda kujjayo . . . " N'agamba nti, "Nnapangisizza abaana Abamekisiko kkumi, era ŋŋenda kubayita bajje beeyiwe wano." N'agamba nti, "Naye bannaaye, mpulira ne mmala nkwata ku musajja oyo!"

139 Muli ne ŋŋamba nti, "Tofaayo, ssebo. Katonda y'ajja okumukwata." Olaba? Ne ŋŋamba nti, "Ggwe muleke."

140 Bw'atyo n'avaayo. Era ekiro ekyo bwe twayingira, ssiryerabira kyabaawo, nnayingira mu kizimbe. Na . . . Ow'oluganda Baxter yayimba oluyimba olwo *Kkiriza Bukkiriza*. N'agamba nti, "Kaakati, Ow'oluganda Branham ffe yatusabye akawungeezi kano tufulume ekizimbe." N'agamba nti, "N'olw'ekyo nze ŋŋenda kugenda emabega eri awasemba ntuule eyo." N'agamba nti, "Bateekateeka okumwanika akawungeezi kano wano wennyini ku kituuti." N'agamba nti, "Mmulabyeko mu ntalo nnyingi enzibu ennyo, era ndabye Katonda nga amulwanirira." N'agamba nti, "Kale nze—nze ŋŋenda kugenda ntuule wansi."

141 Ne nvaayo. Ne ŋŋamba nti, "Waliwo ebyawandiikiddwa mu mawulire bye mbadde nsoma wano ebyogera ku bwe ŋŋenda okwanikibwa akawungeezi ka leero ku kituuti wano." Ne ŋŋamba nti, "Mu kaseera kano njagala aba FBI baveeyo bajje wano ku kituuti bannyanike." Ne ŋŋamba nti, "Nze nnyimiridde wano kulwanirira Njiri; kati njagala muveeyo munnyanike." Ne nnindirira. Ne ŋŋamba nti, "Osanga tebannajja." Kye nnali

nkola nnali nkimanyi bulungi. Yali yambuulidde dda nga nkyali eri mu kisenge kyange, ebyali bigenda okubaawo, bwe nnali sinnasimbula kujja, olaba. Kye nnava ŋŋamba, nnagamba nti, "Oba oli awo ka njira nnindako. Tusobola okugira nga bwe tuyimbayo oluyimba?" Ne wabaawo eyajja n'ayimba oluyimba nga ayimba yekka bw'omu.

142 Ne ŋŋamba nti, "Ssebo Mw. FBI, mw'oli munda wano oba oli wabweru? Nze nzuuno nnindiridde kunnyanika. Osobola okwesowolayo n'ojja eno mu maaso?" Tewali n'omu yajja. Muli ne nsigala nga nneebuuza wa we bali. Mukama yali yabaŋŋambye dda. Baali babuulizi babiri abaali baagwa, era nna—nnali nneetegereza wonna. Ne mbaako ekisiikirize ekiddugavu kye nnalengera nga kirengejjera mu nsonda. Ne ntegeera we bali. Bwe nnatunulayo okwekkaanya, ne kiseetuka nga kidda waggulu ne kigendera ddala waggulu ne kibulira mu mwaliiro ogwa waggulu bwe kiti. Ne nnengera omusajja ayambadde essuuti eya bbululu, n'omulala eya kikuusikuusi.

143 Ne ŋŋamba nti, "Ab'emikwano, wano tewali ba FBI. Aba FBI balina kakwate ki n'okuba nti Bayibuli ebuulirwa?" Ne ŋŋamba nti, "Weewaawo tebalina kakwate konna nayo. Abaabadde bategese okunnyanika tebaabadde ba FBI. Naye, nze ka mbaanike, baabali batudde waggulu wali, be babuulizi bali ababiri abatudde wali." Amangu ago ne bakutama wansi. Ne ŋŋamba nti, "Temukutama." Waaliwo abasajja babiri ab'omu kibuga Texas abaali baagala okwambukayo waggulu babasikeyo. Ne mbagamba nti, "Nedda, ab'oluganda, eno ensonga si ya mubiri na musaayi, mutuule wansi. Ekyo Katonda ajja kukikolako."

144 Ne ŋŋamba nti, "Kati, ab'oluganda, mulabeeyo, nga muli waggulu eyo gye muli, mutunuleeko erudda eno." Ne ŋŋamba nti, "Bwe kiba nti. . . Mwagambye nti ndi Simooni omulogo, era nti amaanyi ag'obulogo, ge nkozesa okuloga abantu." Ne ŋŋamba nti, "Bwe mba nga nze Simooni omulogo, kitegeeza ggwe musajja wa Katonda. Kale kati nno kka wansi ojje wano ku kituuti. Era bwe mba nga ddala ndi Simooni omulogo, leka Katonda anzite. Naye bwe mba nga ndi nnabbi wa Katonda, kka wansi ojje wano Katonda akutte. Kati awo tujja kulaba ani mutuufu ani wa bulimba. Kale kati jangu kka wansi. Tugenda kugira nga tuyimbayo oluyimba." Ne bafuluma ekizimbe, era tetuddangayo kubalaba ne gye buli eno. Mukiraba? Nnabagamba nti, "Ekyo kyangu. Bwe mba nga ndi Simooni omulogo, leka Katonda anzite. Naye bwe mba nga ndi nnabbi wa Katonda, ate Katonda ggwe gw'ajja okutta bw'onajja wano ku kituuti kino. Bwe mba nga nze mutuufu mu maaso ga Katonda, Katonda ggwe gw'ajja okuttira wano ku kituuti kino." Ekituufu baali bakimanyi. Ekyo kituufu. Ekituufu baali bakimanyi. Baali baawulira ku byali byabaawo mu bifo ebirala. Ddala bwe kiri.

N'olw'ekyo tekakutandanga n'olowooza mbu Katonda takyali Katonda. Ayanukula.

145 Kaakati, omulogo ono ow'Endoli, yayitayo omwoyo gwa Samwiri. Bw'atyo Sawulo n'ayogera ne Samwiri. Kati, muyinza okwebuuza ekyo kisoboka kitya. Leero tekisoboka kukolebwa. Nedda, ssebo. Kubanga, omusaayi gw'ente ennume n'embuzi gwakozesebwa mu kiseera ekyo nga bwe balindirira ekiseera eky'okutuukirizibwa kw'ekyo kye gwali gukiikirira. Omuntu bwe yafanga mu biro ebyo. . . Ababuulizi, mundage obuwagizi bwe muba mulowooza nti Kituufu. Omuntu bwe yafanga, yafiiranga wansi wa kutangirirwa kwa nsolo, era emmeeme ye yagendanga mu Lusuku olw'okwesiima. Era yasigalanga eyo okutuusa, ku—ku Lunaku olw'Okununulibwa. N'emmeeme ye yabeeranga eyo.

146 Leka mbeeko ekifaananyi kye mbakubirayo wano. Bameka abaasoma ebyali binjogerwako, manya ebyampandiikibwako mu katabo ka *Reader's Digest* akaafuluma jjuuzi, nga mu Okitobba, Nnoovemba awo? Kale. Mwekkaanya bulungi engeri ekyo gye kyabaawo? Mwakyekkaanya nti, bwe waali wakyabulayo wiiki nga bbiri oba ssatu ekyo kibeewo, omulubaale ono omwatiikirivu ow'ekitalo eyakola ebintu ebyakakasibwa okumala ebbanga eddene, oyo, Mukyala Piper. Waliwo omuntu yenna eyasoma ku ebyo ebyawandiikibwa ku Mukyala Piper mu katabo ka *Reader's Digest*? Ekyo tekyewuunyisa engeri emyoyo egyo ebiri. . .

147 Ye budde bwenkana wa bwe nsigazzaayo? Nsigazzaayo butono ddala. Nnaakayisaamu eddakiika abiri, nnina okwanguwako. Mmanyi mulina. . . Mulabeeyo, munsonyiwemu katono.

148 Mumanyi bulungi, nga waliwo—waliwo ekijingirire. Waliwo eky'amazima n'eky'obulimba. Ssinga nkuwa ddoola, ne nkubuuza nti, "Eno ddoola ntuufu?" N'ogyetegereza, ebeera erina okuba nga efaananira ddala ddoola yennyini entuufu bwe kitaba ekyo toyinza kugikkiriza. Si bwe kiri? N'olw'ekyo ebeera erina okuba nga egifaananira ddala.

149 Kati kirowoozeeko Yesu bw'aba yagamba nti emyoyo egyo ebiri mu nnaku ez'oluvannyuma giriba gifaanagana nnyo n'okutuusa nti gyandirimbye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka, bannaddiini. Kati mujjukire. Kati, ebweru eri teri kiriyo kyonna mu bali abannyogo-. . . abawo-. . . abannyogovu, abawolu. Ku ngulu bafaanana bufaananyi nga abatya Katonda, okiraba. Naye emyoyo gino ebiri, emyoyo gyennyini egy'ensonga, giriba gifaanagana nnyo n'okutuusa nti gyandirimbye n'Abalonde bennyini, olw'engeri gyombi gye gikolera awamu mu nnaku ez'oluvannyuma. Ekyo Yesu ye yakyogera? Ye yakyogera.

150 Kaakati mwekkaanye, ab'emikwano, ŋŋenda kubaako akafaananyi ke mbakubira wano. Njagala mutunuleko wano

katono. Muntegere n'ebirowoozo byammwe byonna, kubanga nnina ebyabaaawo ebitonotono bye ŋŋenda okubanyumiza, n'oluvannyuma mujja kukiraba.

151 Kati, mu katabo ka *Reader's Digest*, baawandiikamu, nnina gye nnali eyo, twalina abantu enkumi bbiri mu lusanvu abaali balinze okusabirwa, nga bayimiridde wabweru. Mmwe musome bye baawandiikamu. Ne wajja omusajja okuva mu Canada, eyalina akalenzi akato akaali kaatwalibwa mu malwaliro erya Mayo n'erya Johns Hopkins, nga kalina obulwadde obuzibu ennyo ddala ku bwongo obwali bukagongobazza emikono ne gyeweta *giti,* n'amagulu gaako wansi ne gagongobala ne geewetamu. Naye wonna ne bagamba nti, "Tewakyali kiyinza kukolebwa ka kube kumulongoosa."

152 Bw'atyo bambi n'akazzaayo e Canada. N'agamba nti, "Naye era ssinnawanika." Mmwe mufune akatabo ka *Reader's Digest* aka Nnoovemba, ekitundu ky'omuko ogwo kiriko omutwe ogugamba nti—nti—*Ekyamagero kya Donny Morton*. Era—era oluvannyuma agamba nti, mu bye baawandiika, bagamba nti—nti omusajja ono yagamba nti, "Naye era ssinnawanika, kubanga waliwo omusajja gwe mmanyi asabira abantu ne bawona gwe bayita William Branham, eyasabirako babiri ku mikwano gyange abaali bakiggala era nga bakasiru ne boogera n'okuwulira ne bawulira."

153 Bwe batyo ne bakuba essimu bagezeeko okuzuula we ndi, oba nga nkyalimu mu—mu Amerika. Mu kaseera ako nnali Costa Mesa, mu California. Naye bino bye baawandiika, bw'oba wa kubisoma, weetegeke okuyungula ezziga. Bijja kukunakuwaza. Bw'onaasoma ku ngeri gye yayitamu mu ntuumu z'omuzira, na buli kimu, n'omwana oyo! Yagambanga omwana nti, "Wegendereze, Donny." N'amugamba nti, "Kati, tetunnawangulwa." Naye kasajja kattu bambi kaali tekakyayinza na kumwenyaako, yadde, kaali mu bulumi buyitirivu. Yakagamba nti, "Tetunnawangulwa, tugenda kubuuza Katonda. Tugenda kugenda eri nnabbi wa Katonda tumubuuze."

154 Bwe batyo omuzira ne baguyitamu. Era ne bamaliriza nga bagguse emmanga, kati ne maama w'akalenzi naye yali wamu nabo, naye tebaalina ssente zibamala kusobola kukozesa nnyonyi, kale maama kye baava bamusiibula addeyo. Kati okuva awo akalenzi ne taata waako baalina kulinnya bbaasi, era bwe batyo bwe baatambula olugendo olwo lwonna okuviira ddala e Winnipeg, mu Canada, okutuuka e Costa Mesa, mu California. Era we baatuukirayo, baali bakooye ebitagambika, era taata w'akalenzi anyumya nga bwe yalina okukyusa bu nnappi bwako, kasajja kattu nga ka myaka nga musanvu oba munaana, naye nga tekakyeyinza n'akatono. N'anyumya ne bwe ya. . .teyafuna kaagaanya konna kufuna kya kulya oba ekintu kyonna, era agamba nti katabani ke kaamuwuliranga

buwulizi nga ayogera kyokka. Era yali asobola okukiraba okusinziira ku bwe kaamutunuuliranga, nti kaali—kaali bambi kagezaako kumumwenyeza, nga bw'omanyi. Bw'atyo n'amanya nti ya . . . Yakabuuliranga ebintu eby'enjawulo bye yali alaba, mu Amerika.

155 Kale bwe baatuuka, mu California, ne bategeeza abakola ku by'okuyamba ku baavudde ewala, ne babategeeza gwe bazze okulaba. Omusajja n'amubuuza nti, "Muzze kulaba Muwonya?" N'akabonero akabuuza akanene.

156 Mazima ddala, osobola okuteeberezaamu Amerika kye yali ekyogerako, mukiraba. Mukiraba, ekyo kye tuli, mukiraba tweyita, "Bagezi nnyo! Buli kimu tukimanyi, omanyi, kale tewetaaga kubaako na ky'otugamba kyonna. Buli kimu tukimanyi." Mukiraba?

157 Kale bambi, kozzi ogambye ki, "Omuwonya? Kye kibatindizza olugendo olwo lwonna okuva e Winnipeg, mu Canada?" Eri bo, ekyo kyali kya nnaku nnyo.

158 Naye mu ebyo byonna, ne wabaawo e—emmotoka eyali etimbiddwaako empapula z'amawulire n'emujjawo awo n'emutwalayo. Era agamba nti bwe baatuuka mu lunyiriri, we lwali, agamba waaliwo abantu enkumi bbiri mu lusanvu abaali balindiridde okusabirwa. Naye agamba nti, bwe baalaba akalenzi ako akato, bambi akaali kagongobadde, ne kitaawe waako n'akakoofiira ke yali ayambadde, n'ekkooti ye ensiiwuufu, agamba buli omu ne yeesega ne bamuwa omwagaanya. Bwe yatuuka ku kituuti . . .

159 Okuwaanyisa kaadi y'okusabirwa tekikkirizibwa. Omuntu oteekwa okujja mu lukuŋŋaana n'ofuna kaadi eyiyo. Ssinga okwatibwa mu lunyiriri, nga owaanyisa kaadi y'ab'okusabirwa okugiwaamu omuntu omulala, kaadi eyo esazibwamu. Mukiraba? Kubanga oteekwa okujja n'oyigirizibwa n'otegeera bw'olina okufuna okuwonyezebwa. Ye ggwe gwe kikwatako. Tosobola kugifunira muntu mulala. Olina okujja n'ogyefunira ggwe kennyini, osobole okubeerawo owulirize. Waliwo omuntu omu omututumufu eyagamba nti, "Bwe . . . Naye nno, nze ebyo ssibikkiririzaamu ekiri awo. Naye, oba oli awo bw'Anaamponya, na . . . " Olaba? Era ekyo ne kivaako okukaayana ku kituuti, n'olw'ekyo ekyo bakitereereza eyo nga tekinnatuuka wali.

160 Kale akalenzi bwe kaalinnya, manyanga kitaawe waako bwe yalinnya ku kituuti, nga bayise mu bantu bonna, Billy n'amusaba kaadi ye ey'okusabirwa. Nga tagirina. N'amugamba nti, "Awo onansonyiwa, ssebo." N'amugamba nti, "Olina okulindako."

161 Taata w'omwana n'agamba nti, "Tewali buzibu." N'agamba nti, "Nja kulinda." N'agamba nti, "Nja kulinda nga n'abalala bwe balinze, bwe kiba bwe kityo." N'agamba nti, "Ekyo mbadde ssimanyi nti nneetaaga okukikola."

162 Kati nze nnali nnina gwe njogera naye, ebyo nnabiwulira nga bigenda mu maaso. Oluvannyuma kitaawe w'omwana ne mmulaba nga avaawo, ne mbuuza nti, "Kizibu ki ate?"

N'aŋŋamba nti, "Tabadde na kaadi ya baakusabirwa."

Awo Ekintu ne kiŋŋamba nti, "Mukomyewo."

163 Kye nnava ŋŋamba nti, "Mumuleete wano." Bw'atyo kitaawe w'omwana n'alinnya waggulu, nga bw'akulukuta amaziga mu maaso, nga n'ekyenyi kye kyetaaga kumwebwa. N'a—n'alinnya waggulu, kaakati aba *Reader's Digest* baagamba bwe bati. Mukiraba? Ssirina kibuuzo kyonna kye nnamubuuza, wabula nnatunula butunuzi mu maaso g'omwana, ne mmugamba omwana gy'avudde okujja, ne mmugamba nga bwe yatwalibwako mu ddwaliro lya Mayo, ne mmugamba buli kimu kyonna ekimuluma, n'engeri obulwadde gye bumulumyemu, na buli kimu.

164 Awo kitaawe w'omwana n'atandika okukaaba, n'atanula okugenda. Olwagira n'agamba bwe yali ava ku kituuti okugenda, n'akyuka, n'agamba nti, "Ebyo byonna bituufu, ssebo." N'agamba nti, "Naye omwana wange anaalama?"

165 Ne mmugamba nti, "Ekyo ssisobola kukyogera." Ne mmugamba nti, "Lindako katono." Ne ndaba okwolesebwa. Ne mmugamba nti, "Kino oyinza obutayagala kukikkiriza, olw'okuba ab'eddwaliro lya Mayo n'erya Hopkins bombi baagamba obwongo bw'omwana oyo tebusobola kulongoosebwa, naye nze ka nkubuulire ky'onookola. Ggwe, enkya, ddayo n'omwana ono. Mu nnaku ssatu ezinaddako ojja kusisinkana omukazi ow'enviiri enzirugavu ku luguudo, era omukazi oyo ajja kukubuuza buzibu ki omwana bw'alina. Era ajja kubaako omusawo omu wano mu kitundu kino gy'akulagirira asobola okukola okulongoosa okwo, naye kijja kukukaluubirira okukikkiriza, kubanga ab'eddwaliro lya Mayo omwana ono baamugoba ne bakugamba nti, 'Tasobola kulongoosebwa.' Naye ako ke kakisa kokka omwana wo k'alina, okuyita mu maanyi ga Katonda, ekisa kya Katonda n'okulongoosebwa okwo. Kati, bw'oba onzikiriza okuba nnabbi We, genda okole nga bwe nkugambye." Nga bwe baateeka ettiini ku Kezeekiya, n'ebirala ebyaddirira.

N'agamba, n'akyuka n'agamba nti, "Weebale." N'atambula n'agenda.

166 Ne wayitawo ennaku nga bbiri oba n'okusukkawo, lumu yali atambula ku luguudo, ne wabaawo omukazi eyajja gy'ali, n'amubuuza nti, "Omwana alina buzibu ki?"

167 N'amuddamu n'amugamba nti, "Alina o—obulwadde ku bwongo." N'agenda mu maaso bw'atyo nga amunyumiza. Era, ddala, ne—ne bakyogerako nga ekintu ekibi ennyo ddala, omanyi.

168 Kati agamba nti mu ddakiika ntono nnyo ne wabaawo ekyabaawo. Omukazi yamugamba nti, "Ssebo, nnina gwe mmanyi asobola okukola okulongoosa okwo."

169 Omusajja n'amugamba nti, "Nnyabo, labayo eno, ab'eddwaliro lya Mayo Brothers baamugoba ne bagamba tasobola kulongoosebwa." N'agenda mu maaso n'agamba nti, "Waliwo omusajja eri eyali amusabira, ayitibwa Ow'oluganda Branham." N'agamba nti, "Omwana ono omusajja oyo yamusabidde." N'agamba nti, "Lindako katono! Omukazi ow'enviiri enzirugavu nga ayambadde ekkooti eya kikuusikuusi." N'agamba nti, "Ye ye." Kwe kumubuuza nti, "Omusawo oyo asangibwa wa?" N'amulagirira. N'amutwalayo omusawo n'alongoosa omwana oyo, omwana n'aba bulungi.

170 Kati, ebyo byafulumira mu katabo ka *Reader's Digest*, mukiraba. Kaakati ab'eddwaliro lya Mayo Brothers ne bankubira okubaako bye bambuuza ku nsonga eyo. Ne bambuuza nti, "Lev. Branham, omwana oyo wamukola ki?"

171 Ne mbagamba nti, "Tewali. N'okumukwatako ssaamukwatako. Nze nnayogera bwogezi Katonda kye yaŋŋamba okwogera. Omusajja n'akigondera."

172 Kaakati, ekyewuunyisa ku nsonga eyo, nga wayiseewo wiiki nga bbiri nga ekyo kimaze okubaawo, manya wiiki nga bbiri nga ekyo tekinnabaawo, oba ssatu, mu katabo ka *Reader's Digest*, ndowooza kyafulumizibwa wabulayo omwezi nga gumu na kino kiryoke kifulumizibwe, baafulumya omuko ogwali gukwata ku Mukyala Piper. Kati, omukazi oyo mulogo kkungwa, oba muyite omulubaale. Kati, waliwo owa nnamaddala, ate ne wabaawo n'ageegeenya obugeegeenya. Omukazi oyo abaddeyo okuva mu mwaka gwa 1897. Asukka mu myaka ekikumi kati, gy'amaze nga ali mu kibuga New York, byombi . . . tawuliririrako ddala yadde. Akatabo ka *Reader's Digest*, mufune . . . Ndowooza kyafulumizibwa emyezi nga ebiri oba gumu nga ekyange tekinnaba; musobola n'okukanoonya, kaafulumizibwa awo nga mu gw'omwenda nga gutandika. Mw. Baxter yakalina wano luli. Ssinga nnakirowozezzaako, nnandimusabye . . . manya ssinga nnakitegegedde nti nnaakyogerako, nna—nnandibadde nzija nako. Nsobola okukabafunira. Era emboozi eyo baagiwa emiko nga kkumi n'ebiri oba kkumi n'ena. Omukazi oyo yali mukyala wa waka. Naye lumu n'alaba okwolesebwa, bwe yali mu kunyigirizibwa, n'atandika okwogera n'abafu. Era omukazi oyo bamukyazizza mu nsi yonna, buli wamu wonna. Baamutwalako n'e Bungereza. Baakyusaako ne ku ngoye ze, emirundi egiwerako, nga baagala okulaba oba mulimu ebintu by'ayambaliramu munda, ne bamuteeka awo ne babaako omusajja gwe baafuulafuula n'akakookolo, eyali Omuyonaani, ne yeefuula okuba Omungereza. Naye omukazi ono n'abimugamba byonna. Era omusajja ya—yali ayagala kuyitayo omu ku be yakolagananga nabo eyali yafa.

173 Kaakati, ekintu kyokka kye ya . . . Okwetoloola ensi yonna, era ab'akatabo ka *Reader's Digest* baagamba bwe bati, jjuuzi wano ebiro bitono ebyakayita, manyanga emyezi mitono egyakayita, waliwo ekimu ku byo ekyayanikibwa. Waliwo omusajja eyalina okunywegera omukono gw'omuzimu gwa nnyina, naye enkeera kyagenda okukakasibwa mu mbuga z'amateeka nga yanywegedde katimba butimba. Abantu bangi nnyo abeefuula abalubaale! Nga kyokka kye bali be bano abatuula ku nguudo abawuddiisa abantu mbu babalagulako, naye nga n'okusooka kwa byonna si balubaale. Bali awo bageegeenya bugeegeenya. Naye waliwo omulubaale yennyini.

174 Ne mu ffe abalina enzikiriza, tulina abageegeenya bayitirivu nnyo ku buli ludda. Kaakati mukwatirireemukko katono.

175 Kaakati mwekkaanye, Mukyala Piper oli ye mulubaale yennyini. Era mu katabo baagamba nti, "Wano waliwo ekintu kimu ekisobola okuweebwako obukakafu, nti, omuntu bw'afa, aba tafudde. Abaako ekifo ekimu mw'aba ali nga mulamu, kubanga omukazi oyo akoowoola emyoyo gyabwe ne gikomawo ne gyogera n'abantu."

176 "Kaakati, omukazi oyo ddala kiki ky'akola, Ow'oluganda Branham? Ye okikkiriza?" Yee, ssebo. Bayibuli bw'etyo bw'egamba, eyo y'ensonga lwaki nkikkiriza. Naye ye omukazi akozesebwa ssetaani. Okwogera n'abafu kakodyo ka ssetaani. Kaakati mwekkaanye, kati mubyekkaanye byombi.

177 Ye ssinga mwalaba amabaluwa agaampeerezebwa, mu kiseera ekyo, ekitundu ekyampandiikibwako bwe kyafulumizibwa nga ekikye kimaze okufulumizibwa. Ekyo tekyewuunyisa okuba nti, mu kaseera nga enkomerero enaatera okubaawo eti, Katonda yayogera ebintu bino? N'aba *Reader's Digest* ne babiwandiikako ne babifulumya mu nnimi buli lulimi wansi w'eggulu. Mukiraba? Mulabeeyo, tekyewuunyisa okuba nti byafulumizibwa bigoberegana?

178 Kati amabaluwa gaayiika, nga abamu bagamba nti, "Ow'oluganda Branham, ekyo kikasa bukakasa nti oli mulubaale yennyini awedde emirimu." Abalala ne bagamba nti, "Ekyo kikakasa bukakasa. Laba kino wano, bwe wagamba omukazi oli wa gy'agenda okusanga . . . Laba n'omukazi *ono*?"

179 Ne ŋŋamba nti, "Musooke mulindeko." Nnaweereza ebbaluwa entongole, (munsonyiweko), ey'okuweerezebwa eri abantu. Ne ŋŋamba nti, "Naye nga babuulizi mmwe mumanyi katono nnyo." Ne ŋŋamba nti, "Mu kifo ky'okubabatiza emibiri gyammwe, obwongo bwammwe bwe bwetaaga okubatizibwa." Ekyo kituufu. "Ebintu temusooka kubifumiitirizaako. Temusooka kubyekenneenya."

180 Ekyo kye kimu kye baakola ne mu biro biri ebirala. Baalaba Yesu. Baakimanya nti Asobola . . . Yategeera ebyama by'emitima gyabwe. Yategeera kye baali bakola mu ekyo. Naye ne bagamba

mbu, "Oyo ye mukongozzi w'emizimu gyonna. Ye Beeruzebuli, omulaguzi asingayo mu nsi yonna." Tebaayimirira kusooka kukyekenneenya kulaba nti yali Mwana wa Katonda. Tebaali ba mwoyo kimala kusobola kukitegeera. Ky'ekyo, ensonga bagibuusa amaaso. Ddala, Yesu yalina okuyingira Yerusaalemi, nga yeebagadde ennyumbu, n'ebirala ebyalina okubaawo, naye baali batunuulidde Kujja kwa mulundi gwa kubiri.

181 Era kye kintu kye kimu ne leero! Ekintu kyennyini ekya nnamaddala bakibuusa amaaso. Aleeruuya! Bwe kiri. Mmanyi Katonda w'ali wano, olw'eggulo luno, era mmanyi mbamalira obudde, naye kino mulina okukiraba, ab'emikwano. Bwe ssiriddamu kubalaba nate, mulina okumanya emizimu kye giri, mulina okumanya Amazima kye gali n'obulimba kye buli. Ate bifaanagana nnyo, olina okuba nga osobola okubyawula.

182 Kaakati mujjukire nti, tekigenda kubeera bweru eri, nga kyeyawudde kiri eno ku ludda *luno* nga Abafalisaayo bwe baali, oba nga kyesudde kiri eri ku ludda *luli*. Kiri wano wennyini mu mulyango, kirinaanaganye na kiri. Mukyegendereze. Kati ssinga nkwata . . .

183 Leka tulabe ku bintu ebyo byombi. Ssinga nkwata ddoola ne ngikuwa, kati, ssinga nkuwa ddoola enjingirire. Tugenda kukozesa ngeri ya lugero musobole okukiraba. Ekintu ekisooka ky'onookola, bw'oba mugezi, ssinga okwata ddoola n'ogitunuulira, ekisooka, ojja kugikwata mu ngalo zo owulire yakolebwa mu ki. Si bwe kiri? Ojja kugyekkaanya okuzuula yakolebwa mu ki. Ojja kugyeetegereza olabe oba si kicupuli. Ddoola yennyini entuufu tekolebwa mu lupapula, ekolebwa mu lupapula ne liiri, okiraba. Era ekisooka, ojja kukebera omuwendo ogugiriko. Ako ke kabonero akasooka kw'olabira.

184 Kale kati leka omukazi ono tumuteeke ku ludda luno *eno*; ne Mukama waffe tumuteeke ku ludda *luno*, nga y'akolera mu makkati gaffe.

185 Kaakati mulabeeyo, ekisooka kye mulina okwekkaanya, buli kintu kyonna . . . Mwetegereze mu biri ebyafulumizibwa mu katabo. Mu myaka gye ataano n'omusobyo gye yaakamala nga alagula, n'okuyitayo emyoyo gy'abafu, talina mulundi n'ogumu gwe yali ayogedde ku Katonda, Kristo, okuwonya kwa Katonda, okusumululwa, Omusango, oba ekintu kyonna. By'ayogera tebibaamu kintu kirala kyonna okuggyako obusirusiru n'okuweebuula.

186 Naye ate ku ludda *luno* eno, buli kiseera kuba kwogera ku Katonda, Musango, Kujja kwa Kristo, kuwonya kwa Katonda, maanyi ga Katonda, kusumululwa. Wekkaanye omuwendo oguliko. Abalaguzi n'abalogo temubalabangako nga babuulira Njiri. Kikyamu ki ekiri ku bantu? Bannange! Mwetegereze!

187 Kati ekintu ekirala ekikakasa ky'oteekwa okukola, bw'oba oyagala okumanya oba nga ddoola ntuufu oba ya kicupuli,

bw'eba nga efaananira ddala n'entuufu, kkoppolola ennamba eziriko oziweereze mu kkolero gye bakubira ssente. Eri bwe wanaabaayo ennamba ezikwatagana ne zino, wajja kubaayo ekinusu kya ddoola ekya ffeeza ekigyenkanankana. Si bwe kiri?

188 Kaakati, nno, ow'oluganda, kwata omukazi ono bye yakola oddeyo obigeraageranye ne Bayibuli, ojja kukizuula nti ye mulogo oli ow'Endoli.

189 Bw'omala okwate ne bino ebiri wano, ojja kukizuula nga mwebiri, biri wano mu Kitabo mwebiri mu Kkolero, "Yesu Kristo aba bumu jjo, leero, n'emirembe gyonna." Mazima ddala, gye mirimu Gye gye gimu! Mu bantu teyagendanga nga Akola bya busirusiru na bitaliimu nsa. Byabanga n'ekigendererwa ekirungi, okubaako ne gw'ayamba, okumuleeta eri Katonda. Amiina! Seekubira "amiina" nga nze, wabula *amiina* kitegeeza "kibeere bwe kityo." Era ndi. . . Nkikkiriza. Mmanyi nga ge Mazima.

190 Kati mwetegereze, kiikino wano. Kati, tugenda kwanguwako, kubanga saagala kubalwisa nnyo wano.

191 Wano eno, leka tulabeyokko ekifaananyi wano, ekifaananyi eky'okwefumiitirizaako. Wano waliwo ensulo wano eno wennyini, ekulukuta okuyita wano *eno*, nga ekkirira okuyita mu bulamu. Kati mwekkaanye. Ensulo eno mukutu. Kati muntegere ebirowoozo byammwe byonna, kireme kubayitako. Gujja gukulukuta wansi bwe *guti*. Kati, mu kakutu kano eno wano waliwo abantu ababeerawo, ye ggwe nange. Kaakati, munda omwo, leka tulabe kiki ekirimu. Mujjuddemu bugwagwa bwereere na buli kimu bwe kityo, naye oluusi n'oluusi ojja kubaako ekitangaala ky'olaba. Ogenda n'olaba ekizikiza nga kijjudde buli wamu n'enguudo, nga kwe kwesanyusa n'okwejeeguula, emizimu nga gikozesa abantu. O, bambala bulungi ne banyuma, bannange, ne bakenkuka ne bayitirira, ne basoma ne bakuguka, naye era nga ssetaani. Naye waliwo n'abaazalibwa ogw'okubiri abatuddemu.

192 Kati, abantu bano abali mu mukutu guno basikibwa okuva ku njuuyi bbiri ez'enjawulo. Kati, ku ludda luno nga odda *eno*, waliyo obusatu. Ne ku ludda luno nga odda *eno*, nayo waliyo obusatu.

193 Kati, bwe, kati ekifo ekisooka, ku ludda *luno*, we wali emmeeme *z'abatali batuukirivu,* omuntu bw'afa agenda mu kifo w'alindira okusalirwa omusango. Yesu yagenda n'abuulira enjiri eri emmeeme ezo ezaali eyo mu kkomera. Ekifo ekiddako we wali emizimu. Ekiddako, we wali ssetaani mu ggeyeena. Okuva wano ng'odda waggulu, ekisooka, kati, bali abali eri gy'emizimu, emyoyo gy'abaafa abaagaana okwenenya. Balindiridde kusalirwa Musango. Kyokka kye bamanyi bwe bugwagwa n'ebyo bye baakola.

194 Kati, waggulu wano, bano Abakristaayo bakozesebwa amaanyi agava Waggulu. Luno lugero. Waggulu wano waliwo Omwoyo omulala, gwe Mwoyo Omutukuvu, Omwoyo gw'Omuntu, Kristo Yesu. Omwoyo Omutukuvu, Omwoyo Omutukuvu y'asikiriza Ekkanisa Ye eri mu mutendera guno ogw'abantu.

195 Ne ssetaani, naye nga akozesa emyoyo *gino*, asikiriza omuntu. Kaakati, mulabeeyo, ekifo ekiddako we wali Bamalayika. Awaddako we wali Katonda. Kati, buli muntu ali wano asikibwa amaanyi agava mu kimu ku bifo bino. Mulaba kye ntegeeza?

196 Kati omukazi oli kye yakolanga, yabotolanga n'ayingira mu mutendera ogwo. N'ayogera n'abantu abo abaaliko emizimu abaali, ku ntandikwa, emyoyo gya bamalayika bali abaagwa abaagaana okwenenya eri mu ntandikwa, abakkiriza okukozesebwa emyoyo gya bamalayika abo. Era balindiridde Musango.

197 Ate *bano* wano eno babeera basikirizibwa era baazaalibwa ogw'okubiri Omwoyo wa Katonda. Era ssetaani alina bannabbi be, ne Katonda alina Ababe. Mulaba kye ntegeeza? Kuba kusikibwa maanyi, era ky'ekyo. Sooka oyimirire okyawule. Yesu, bwe yali wano ku nsi . . .

198 Kati, olwa leero, tasobola kubotola kuyingira mu mutendera ogwo kujjayo mutuukirivu kuva mu mutendera ogwo gw'alimu. Tasobola kukikola, kubanga abatuukirivu tebakyaliyo eyo gye baabeeranga mu Lusuku olw'okwesiima. Nedda, ssebo. Olusuku olw'okwesiima lwaggyibwawo, Omusaayi gwa Yesu Kristo bwe gwalujjaawo. Mulabeeyo wano. Bannange!

199 Ssinga nsobola okulowooza ku ngeri Yesu, bwe Yafa, Yagenda n'abuulira eri emmeeme ezaali mu kkomera. Yafa, mwonoonyi, teyamanya kibi, wabula ekibi kyaffe kyali ku Ye. Era Katonda, olw'ebibi Bye, yamusindika mu ggeyeena. Bayibuli egamba nti, "Yagenda n'abuulira eri emmeeme ezo."

200 Abantu abamu bagenda ne bagamba nti, "Ow'oluganda Branham, nga ssikitegeera." Bwe kigamba nti, "Yesu yazuukira lunaku lwakusatu. Yafa ku Lwakutaano n'azuukira ku Ssande ku makya, kitegeeza, Yamala olunaku lumu lwokka nga mufu."

201 Yagamba nti, "Mu kiseera ekyo," kubanga Yalina Ekyawandiikibwa kimu mu Bayibuli, kye Yali asobola okuyimirirako. Kubanga, Dawudi, omusajja eyamala n'agwa oluvannyuma, naye yalokolebwa, wabula nga yali nnabbi nga aliko amafuta ga Katonda, yagamba nti, "Ssirireka mmeeme Ye magombe, wadde okuleka Omutukuvu Wange okulaba okuvunda." Era yakimanya, nti mu nnaku ssatu n'ebiro bisatu, nti omubiri ogwo gwali gwa kutandika okuvunda. Naye Katonda yali yagamba dda nnabbi nti, "Taliraba kuvunda." . . .?. . . [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

Aleeruuya! Yakkiriza Ekigambo kya Katonda. Yawangula Ssetaani, buli mulundi, nga yeesigama ku Kyo. Yawangula okufa, nga yeesigama ku Kigambo kya Katonda. Aleeruuya! Yawangula okufa. Era bwe baamutta, n'Afa, nga omwonoonyi, ebibi byange n'ebibi byo byali ku Ye, yakkirira wansi, nsobola okumulaba nga akonkona ku luggi luli.

Awo emmeeme ezo ezaabula ne zivaayo ne zibuuza nti, "Ate, Ggwe Ani?"

202 N'ababuuza nti, "Enoka lwaki temwamuwuliriza? Bannabbi bali abalala abaabuulira lwaki temwabawuliriza?" Ne basingisibwa omusango. "Nze Mwana wa Katonda eyali omulamu. Nzi...Omusaayi Gwange guyiise. Nzize okubategeeza, nti ntuukirizza, ekyo bannabbi kye baayogera nti kye Ndikola." N'ayita ku mizimu, ne yeesogga ggeyeena, ebisumuluzo by'okufa n'amagombe n'abiggya ku ssetaani, n'abiteeka ku ludda Lwe, n'atanula okukomawo. Aleeruuya!

203 Nga bunaatera okukya ku makya. Aleeruuya! Wano leka tubeeko ekifaananyi kye tukuba. Ku makya ku maliiri, waaliwo ekibinja ekirala ekyali erudda wano mu Lusuku olw'okwesiima. Kati tebakyaliyo.

204 Kati, mmwe mikwano gyange Abakatuliki abagundiivu abakkiririza mu batukuvu okubeegayiririra. Bwe mubaayo n'omutukuvu yenna gwe mwogera naye mu kkanisa yammwe, omuntu oyo mwonoonyi, ali mu ggeyeena, manya—manyanga ali mitala alindiridde kusalirwa musango gwe. Ate bw'abeera nga yali mutukuvu, ali mu kitiibwa kya Katonda era tasobola kudda. Ekyo kituufu. Ekyo nsobola okukikakasa. Omusaayi gw'ente ennume gwali tegusobola kuggyawo kibi, naye Omusaayi gwa Yesu gwasaanyizaawo ddala ekibi.

205 Ndaba Yesu nga ayambuka agenda eri, mu Lusuku, awaali muzeeyi Ibulayimu, Isaaka ne Yakobo, n'abalala abaaliyo, Samwiri n'abalala bonna abaaliyo. Mmuwulira nga akonkona ku luggi. [Ow'oluganda Branham akonkona ku kituuti—Omuk.] Amiina! O, kino nkyagala. Ŋŋenda...mpulira nga nnyingidde mu mwoyo kati. Mmulaba nga alingizaayo. Mpulira nga abuuza nti, "Ani ali ebweru eyo? Ani Oyo ali eyo?" N'agamba nti, "Nze, ayogera nze Ibulayimu. Ggwe Ani ali eyo?"

206 "Nze Nsigo ya Ibulayimu." Amiina. Ndaba Ibulayimu nga ajja ku luggi, n'aluggulawo. Yesu n'agamba nti, "Nze Nsigo ya Ibulayimu."

Danyeri n'agamba nti, "Labayo eri ggwe! Liiryo Ejjinja lye nnalaba eryatemebwa okuva ku lusozi."

207 Mpulira Ezekyeri nga agamba nti, "Wuuyo! Nnamulaba Oyo, kyalabikanga enfuufu wansi w'ebigere Bye, ebire bwe byali bitambula, obuliga bwe...bwakuba mu ngalo, n'ebikoola, byonna bwe byaleekaanira waggulu." Ha, ndaba abantu ab'enjawulo abaali eyo mu Lusuku, nga bamulindiridde.

208 Mmuwulira nga agamba nti, "Muveeyo mujje! Eri mu Yerusaalemi emmambya esaze. Tulina okuva wano. Twambuka, kubanga mwateeka obwesige bwammwe mu musaayi gw'ente ennume n'embuzi, nga mulindirira ekiseera ky'Omusaayi Gwange. Naye kati Omusaayi Gwange gumaze okuyiibwa engulu eri e Kalivaaliyo. Nze Mwana wa Katonda ayambadde omubiri. Amabanja g'ekibi gonna gasasuddwa. Wano tuvaawo!" Aleeruuya! Ekitiibwa kibe eri Katonda!

209 Ndaba Ibulayimu nga akwata Saala ku mukono, baabano ne bafuluma, ne bavaayo! Mu Matayo 27, bwe yafulumayo, mbawulira nga basooka kuyitirako katono eri mu Yerusaalemi. Era mumanyi ekyabaawo, ndaba Kayaafa ne be yali nabo nga bayimiridde ku luguudo, nga bwe bagamba nti, "Baŋŋambye mbu oyo omusajja yazuukidde. Mumbuulire, omusajja oyo agenda y'ani; n'omuvubuka oyo, n'omuwala oyo be b'ani?"

210 Baali tebakyali bakadde; abo yali Ibulayimu ne Saala. Ne babulawo. Baatunula ne bagamba nti, "Waliwo atwekaliriza." Baali basobola okubulawo nga naye bwe Yayita mu kisenge, baalina omubiri gwe gumu. Aleeruuya! Mazima. Ndaba bannabbi bonna n'abalala ab'enjawulo, nga batambulatambula, beetegereza ekibuga wano na wali.

211 Ate Yesu ye ne yeeyongerayo waggulu mu, manya waggulu okusukka emmunyeenye, omwezi, n'ebire, n'anyaga okunyaga, n'awa abantu ebirabo. Yesu leero atudde ku mukono ogwa ddyo ogwa Kitaffe, yalinnya n'agenda waggulu, n'atuula wansi, okutuusa abalabe Be bonna lwe balifuulibwa entebe y'ebigere Bye.

212 N'olwekyo leero, mukwano gwange Omukristaayo omwagalwa, emizimu weegiri gikola ku buli ludda. Era n'Omwoyo wa Katonda naye waali atambulira ddala, ku ludda olulala, okugyeŋŋanga buli kadde. Aleeruuya! Kiikyo. Empapula z'amawulire n'obutabo obw'enjawulo na buli kimu kyonna byonna bikyogerako. Bakiraba. Naye tebasobola kulaba kiki kye kiri. Kye kiki ddala? Kye kisonga ku kwolekanya obwanga okw'amaanyi okunaatera okubaawo mu bwangu ddala, wakati wa Katonda ne ssetaani. Dda ku ludda lwa Katonda obeere mulongoofu mu mutima gwo. Amiina.

213 Jjuuzi wano ebbanga si ddene eryakayita nnali mu Toledo, Ohio, nga nninayo olukuŋŋaana. Ŋŋenda kumaliriza.

214 Mulaba kye ntegeeza bwe njogera ku mizimu? Weegiri gikola. Mijjumbize nnyo mu bunnaddiini, mijjumbize mu bunnadiini ddala! Ha, gigenda mu kkanisa buli lwa Ssande, ne gyatula Enzikiriza y'Abatume, ne giyimba n'ekitundu Ekifundikira essaala. Ha, bannange, mijjumbize nnyo ddala mu bunnaddiini!

"Ow'oluganda Branham, ky'otegeeza ago ge Mazima?"

215 Ogwo gwe mwoyo gwe gumu ogwakomerera Yesu Kristo ku musaalaba. Yesu n'abagamba nti, "Mmwe muli ba kitammwe, ssetaani."

216 Kati abamu ku bo bagamba mbu, "Ha, Russia ye mulabe wa Kristo." Tekisoboka! Russia si ye mulabe wa Kristo. Omulabe wa Kristo agenda kubeera munnaddiini nnyo n'okutuusa nti y'andirimbye n'Abalonde bennyini ssinga kyali kisoboka.

Mujjukire nti, Katonda ajjawo omuntu We n'amutwala, wabula tajjaawo Mwoyo We. Ne ssetaani naye ajjawo omuntu we n'amutwala, naye tajjaawo mwoyo gwe. Kati, giigyo. Mukole kye mwagala. Nze nvunaanyizibwa ku kimu kyokka kwogera Mazima.

217 Emizimu, nga gikola! Eggulo, nnabadde ngibalaga mu mutendera ogw'omubiri. Leero, ngibalaga mu mutendera ogw'omwoyo, wa we giri mu mutendera ogw'omwoyo. Ku ludda luli, bagiwa amanya nga kookolo, ne bagituuma *kino,* na *kiri,* na *kiri,* naye mbakakasizza, nga nkozesa Bayibuli, nti egyo mizimu. Kati, ne ku ludda luno, leero, giigino na wano nate era mu mutendera ogw'omwoyo, nga minnaddiini nnyo, mijjumbize nnyo.

218 Ssinga otandika, ow'oluganda, okukirowoozaako. Kayini, yennyini mwe kisibuka, yali musajja munnaddiini nnyo. Esawu yali musajja munnaddiini nnyo. Yuda yali musajja munnaddiini nnyo. Ddiini. Tegiri bweru eri mu nsi. Giri munda muno. Ekyo mukyekkaanye, enkola y'emizimu! Oba oli awo oluvannyuma, tulifuna akaseera, ne nsobola okukyongerako. Obudde butugenzeeko.

219 Tosalira muntu yenna musango. Yagala buli omu. Bw'oba tosobola kwagala kuva mu mutima gwo, kitegeeza Kristo tali naawe.

220 Bwe nnali mu kibuga Toledo, mu Ohio, waliwo ka wooteeri ke nnayingiramu. Waliwo akafo we nnalyanga emmere, akafo akaddukanyizibwa Abadankaadi, kafo kalungi nnyo. Baali balungi nnyo ddala. Naye olw'eggulo olwo baali baggaddewo, okugenda mu Ssande sukuulu. Kale bwe baggalawo, nnalina okusala oluguudo, ne ŋŋenda mu kafo akaali awo akaddukanyizibwa ab'ensi, ne nnyingira munda. Kati nkimanyi bulungi nti kimenya mateeka okuzannya zaala mu Ohio. Naye wano waaliwo omusirikale nga atadde omukono gwe ku muwala, nga omukono gwe guli mu kifuba kya muwala, nga bali ku kyuma kya zzaala bazannya. Amateeka agafuga amasaza gaffe n'eggwanga lyaffe okutwalira awamu, gonna tegakyalimu nsa. Kya nnaku!

221 Nneesiga Kristo Olwazi olugumu, kwe nnyimiridde, awalala wonna musenyu ogukka. Tewakyali kirala kisigaddewo. Ekyo kituufu.

222 Ŋŋenda okutunula erudda, nga waliwo omuwala omuto alabika obulungi, nga ali nga awo mu myaka gye egy'ekivubuka, kkumi na mwenda awo, kkumi na munaana, kkumi na mwenda. Naye bye baali bakola, n'abavubuka abaali awo ku mmeeza, byali byennyamiza. Ne ntuula wansi. Kati ekyanneewuunyisa, mba ntudde ne zireeta omukazi n'ajja, n'ambuuza nti, "Weetaaga akatebe?"

Ne mmugamba nti, "Weebale. Njagala kya nkya."

223 Kati mba ntudde mu katebe, ku mabbali waali watuddewo omukyala, ali mu myaka gya mmange, myaka nga ataano mu etaano, ataano mu munaana. Yali ayambadde obugoye buno bwe bambala obwesittazza.

224 Bagamba mbu bukulabisa bulungi. Ssaayansi akugamba mbu, "Onyiridde okukamala." Eky'amazima, si bwe kiri. Oyagala bwagazi kwolesa bwereere bwo. Kya nsonyi, kuweebuuka. Omukyala tayinza kubwambala. Omukazi ajja kubwambala, naye omukyala tajja kubwambala.

225 Kati awo, ne ba . . . omukazi ono yali awo, nga atudde awo. Omubiri gwe omukadde gwonna gwali gubootaboota. Yali yeesiize manicuwa gwe muyita owa kakobe, oba kyonna kye mukiyita, nga abyesiize ku mimwa. Nga enviiri yazisalamu omusono nga ogw'abasajja, nga zonna nnyimpi zeeranzeranze; Bayibuli ky'egamba, nti kya nsonyi. Era omukazi, omusajja gw'a . . .

226 Bayibuli egamba nti, ssinga omukazi asalako enviiri ze, omusajja wa ddembe okwawukana naye mu bufumbo, kubanga tabeera mwesigwa gy'ali. Lumu ku nnaku zino twetaaga okujja wano tubuulire Bayibuli. Egamba nti, "Bw'asala enviiri ze, aswaza bba." Kale bw'amuswaza mu ngeri eyo, asaanye okugobebwa. Tosobola kuwasa mulala, naye osobola okwawukana naye. Hwyu! Nkakasa, ekyo, kikalubyemu, nsobola okukiwulira. Naye ago ge Mazima.

227 O, kyabanga bwe kityo, twabanga nakyo mu mitendera egy'Omwoyo Omutukuvu, naye twassa wansi emitayimbwa. Ow'oluganda omu yateranga okugamba nti, "Twassa wansi emitayimbwa, twassa wansi emitayimbwa, twekkiriranya n'ekibi. Twassa wansi emitayimbwa, endiga ne zifuluma, naye ate embuzi zo zaayingira zitya?" Bwe mwassa wansi emitayimbwa. Ogwo gwe mutawaana. Mwassa wansi emitayimbwa, ensi n'ekkanisa ne byetabika wamu. Nga Abamowabu n'abalala, ne Balamu, bwe yabawasaamu, kye kintu kye kimu ne leero. Era ekkanisa yonna eyonooneddwa, n'omulembe gw'Abapentekoote nga gwe mulembe gwa Lawodikiya, ogufuuka ogw'ekibuguumirize, ne guwandulwa okuva mu kamwa ka Katonda. Era okuva mu kibinja ekyo kyonna, Katonda ayitayo ensigalira Ye, n'atwala Omugole Eka, ekyo ddala bwe kiri, bwe kityo ddala, okuyita mu kuzuukira.

228 Kati yali awo, nga atudde awo, nga emimwa ajjudde manicuwa yenna mu maaso, nga yenna amwetimbye mu maaso. Yalina n'ebintu ebiddugavu bye yali yeesiize ku maaso, nga yenna atuuyaanye, nga bwe bikulukuta. Mukazi wattu ayinza n'okuba yalina n'abazzukulu bannakabirye. Naye yali atudde awo n'abasajja babiri abakadde, omu ku bo yalina sikaafu ennene gye yali yeesibye mu bulago, gwali mwezi gwa Mukaaga, nga batudde awo. Kati omusajja n'asituka, yali nga ali mu kunywa, nga n'omukazi, naye bw'anywa. Nga bw'atunulatunula okwetooloola awo.

229 Muli ne ŋŋamba nti, "Ayi Katonda! Katonda lwaki ekintu tokisaanyaawo n'okijja ku mmaapu? Lwaki tokisaanyaawo? Kati ne muwala wange omuto Sharon . . . Omwana wange omuwere, Sarah wange omuto ne Rebekah wange omuto bagenda kukulira mu mulembe ogufaanana bwe guti, basisinkane ebintu nga ebyo?" Muli ne ŋŋamba nti, "Tunuulira ebifo bino ebiwummulirwamu n'ebintu eby'enjawulo, n'ebigenda mu maaso." Ne ŋŋamba muli nti, "Ayi Katonda! O, ndi musanyufu okuba nti Sharon wamutwala bwe kiba nga bw'otyo bwe Wayagala. Ddala Rebekah wange omuto ne—ne Sarah wange omuto balina kukulira mu bintu nga ebyo?" Ebyo, ate nga abantu abo beeyita . . . bayimba mu kkwaya ne bakola n'ebintu eby'enjawulo. Muli ne ŋŋamba nti, "Ekyo si kya nsonyi?" Ne nneebuuza nti, "Katonda, Obutukuvu Bwo obutuukirivu buyinza butya okubigumiikiriza? Kirabika nga ekiruyi Kyo eky'obutuukirivu ekyandibuubuuse ne—ne kibalula ekifo kino kyonna."

230 Ne mpulira Malayika wa Mukama, nga aŋŋamba nti, "Jangukko wano." Ne ŋŋendawo. Era we Yamaliririza ebibye nange, nnawulira nga ndi muntu wa njawulo. "Omukazi oyo kiki ekimukusaliza omusango?"

Ne ŋŋamba nti, "Naye ddala laba, bw'afaanana." Era kiikino kye Ya . . .

231 Ne ndaba okwolesebwa. Ne ndaba ensi *bw'eti*, nga nneekulungirivu, ensi endala. Naye ensi eno *wano,* yali yeetooloddwa musoke, era nga ogwo gwali Musaayi gwa Kristo ogutangira obusungu bwa Katonda. Ebyo Yali tasobola kubitunuulira, ekintu kyonna Ye—Yandikisaanyizaawo mu kaseera kano kennyini, kubanga Yagamba nti, "Olunaku lwe muligulyako, lwe mulifa." N'olw'ekyo Yali ajja kukikola.

232 Kati muli ne ndowooza bwenti. Nneetunuulira. Nga newankubadde ebyo nga nze ssaabikola, naye era, nnali mwonoonyi. Era kati omusaayi gwa Yesu Kristo gukola nga omuziziko. Mukiraba? Ne kiba nti, bwe nnyonoona, ebibi byange bimutomera ne bikosa omutwe Gwe ogw'omuwendo, ne ndaba amaziga n'Omusaayi nga bikulukuta. "Musonyiwe, Kitange,

ky'akola takimanyi." Ne nkola n'ekirala n'era ne kikoona Kuli. "Musonyiwe, Kitange."

233 Ssinga kimala ne kimuyitako, nnandizikiriziddwawo. Ate bwe ŋŋaana okusembeza ekisa Kye, ku lunaku emmeeme yange lw'eseeyeeya okusukka awo, guba gwansinga dda. Nga nnagaana. Tewali kiba kikyasiggalidde okuggyako okusalirwa omusango. Mba nsaliddwa omusango, mba mmaze okusalirwa omusango. Katonda yagamba nti, "Lwe muligulyako, lwe mulifa." Guba gukusinze. Eno y'entebe ey'okusala omusango olw'eggulo luno, engeri gy'oyisaamu Kristo.

234 Kati muli ne ndowooza nti, "Weewaawo, ekyo kituufu." Ne nneraba lumu bwe nneewalula ne ŋŋenda gy'Ali. Ne ndaba ekitabo kyange nga kiri awo, ndi mwonoonyi, nga kirimu buli kimu kyonna. Ne ndaba nga ebibi byange bye byali bikikola, ne ŋŋamba nti, "Mukama, Onasonyiwa?"

235 N'agolola omukono Gwe n'akwata ku ludda Lwe, n'aggyayo Omusaayi, n'awandiika ku ngulu ku kitabo, n'agamba nti, "Osonyiyiddwa." N'akikasuka mu nnyanja ey'okwerabira, obutaddamu kukijjukira nate. Ne kiggwerawo ddala! N'aŋŋamba nti, "Nze nnakusonyiwa, naye ate ggwe omukazi ono oli mu kumusalira musango."

Ekyo kyakyuusa endowooza yange. Ne ŋŋamba nti, "Mukama, nsaasira."

236 Bwe nnava mu kwolesebwa okwo, ne ŋŋenda we yali ne ntuula wansi. Ne mmubuuzaako nti, "Oli otya, nnyabo?"

N'anziramu nti, "O, oli otya."

237 Ne mmugamba nti, "Nsaba kunsonyiwa," ne ŋŋamba nti, "Nze Lev. Branham, ndi muweereza."

N'agamba nti, "Ha, nsonyiwa. Nsonyiwa, Lev. Branham."

238 Ne mmugamba nti, "Nyabo." Ne mmunyumiza ebibaddewo. Ne mmugamba nti, "Mbadde nnyimiridde awo, era mbadde nkusalira omusango, nga ŋŋamba, 'Nga kuweebuuka kunene!' Wandiba nga olina n'abaana."

N'addamu nti, "Mbalina."

239 Ne mmubuuza nti, "Wava ku ki okwonooneka bw'oti?" N'atandika okunnyumiza emboozi esobola okwennyamiza omutima gw'ekintu kyonna. Ne mmugamba nti, "Mba—mbadde mbuuza Katonda lwaki abantu nga mmwe Tabazikiriza n'abajja ku nsi. Wano, w'obadde n'abasajja bano ababiri abatamiivu, nga naawe wennyini, otamidde." Ne mmugamba nti, "Lumu . . . Omusaayi ogwo gwe gukwatiridde obusungu bwa Katonda obutakukkaako. Lumu ku nnaku zino ogenda kufa. Kaakano, mu kiseera kino, oli—olina eddembe okwesalirawo, osobola okukkiriza oba okugaana." Ne ŋŋamba nti, "Naye lumu emmeeme yo ejja kugenda emitala eri, nga tewakyaliwo

kusaasirwa konna. Ate bw'ofiira mu bibi byo, obeera omaze okusalirwa omusango, era obeera oyolekedde ggeyeena."

240 Mumanyi ekyabaawo? Omukazi oyo yeeseetula n'ava mu katebe ako mwe yali atudde mu wooteeri eyo. Twalina olukuŋŋaana olw'okusaba lw'otawulirangako mu bulamu bwo, era n'ajja eri Kristo. Kyali kiki? Tobasalira musango; wabula babuulire Enjiri. Baliko emizimu gye gibakozesa; bantu abali mu mutendera guno. Basikibwa amaanyi okuva wano eno. Ffe amaanyi agatusika gava waggulu. Leka tulabe kye tusobola okukola n'ebitone byaffe, okuwangula abantu okubaleeta eri Kristo.

241 Kitaffe ow'omu Ggulu, tukwebaza olw'obulungi Bwo n'okusaasira. Nsonyiwa, ayi Mukama; oba oli awo, abantu, mbalwisizzaawo nnyo. Naye kuno nga bwe kuli okuwumbawumba kw'enkuŋŋaana ez'olweggulo nga luno, njagadde mbabuulire ebikwata ku "mizimu," era bingi bye nkutuddekutudde wano na wali mu kifo kimu, mu kubuulira kumu, naye oba oli awo banaasobola okubirondamu, wano ne wali, ne bategeera kye mbadde ntegeeza. Omanyi ebigendererwa by'omutima gwange, eby'okukiyigirizaako.

242 Nsaba abantu bave wano olw'eggulo luno, abasajja n'abakazi beegendereze buli kye bakola, naye ate babeere mu bulamu obw'essanyu era obw'eddembe. Nsaba bategeere nti Katonda yabalokola. Era nsaba batunuulire Ye, beerabire eby'obubondobondo obw'enzikiriza bwonna n'ebintu ebirala ebibeetoolodde, babeere mu mirembe era nga beegendereza, mu kutya Katonda. Kibeere nti, ayi Katonda, bw'Oyagala okubakozesa okubaako ne kye bakola, Osobola okwogera butereeve gye bali n'obatuma yonna gy'Oyagala bagende oba kyonna ky'Oyagala bakole. Nsabira abantu babeere bawombeefu basobole okusembeza Kristo mu mitima gyabwe. Tusonyiwe, ayi Mukama, ensobi zaffe, buli omu ku ffe.

243 Era tumanyi nga—nga Ssetaani agenda ayitaayita nga empologoma ewuluguma, buli wamu wonna, nga alya buli ky'ayagala, nga ayambadde egganduula y'ekinnaddiini. Ayi Katonda, abaana bano abato, bateekeko amaaso, buli wamu wonna. Tebaliiko bukuumi bwonna era omuntu yenna asobola okubawabya. Naye nkusaba, ayi Katonda, obakwatirwe ekisa, era olokole bonna abaabula, abalwadde obawonye. Era, ayi Katonda, tulaba nga emizimu gino egy'edda egy'endwadde gijja ku baana Bo, be Wagabirira okutangirirwa okuli emitala, okuwebwayo ku lw'ensonga eyo. Wamu n'emizimu gyonna egiyinza okubaleetera okwonoona, Wagabirira omutango oguli emitala, okuwebwayo ku lw'ensonga eyo. Era nsaba obituwe mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Ssimanyi oba nga . . .

Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu —
Omutendera Ogw'Omwoyo LUG53-0609A
(Demonology — Religious Realm)
Obubaka Bw'Okuyiga Ku Nkola y'Emizimu obuddiriŋŋana

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Lw'okubiri olw'eggulo, nga 9 Jjuuni, 1953, mu kizimbe kya Roberts Park Amphitheater e Connersville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2022 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org